Emyoyo Egisendasenda

Mwasuze mutya, ab'emikwano. Ndi musanyufu okubeera wano enkya ya leero, n'okumanya nti mbalabako mwenna, nga tukkiriza nti Mukama ali naffe leero, era atuwaddeyo ku kisiikirize, ebbugumu lireme kubeera lingi nnyo mu kkuŋŋaaniro ku lw'olukuŋŋaana lw'oku makya. Era kati tu . . .

2 Nzikiriza, waliwo abaana . . . Abaana basiibuddwa okugenda mu bibiina byabwe, Ow'oluganda Neville? Waliwo abato be ndabye, kale mbadde nneebuuza oba nga bamaze okusiibula ebibiina okuddayo mu—mu bifo byabwe biri ebirala, okugenda mu kisenge mwe basomera Ssande sukuulu.

3 Kati, munsabire. Nnina okusalawo okukulu ddala kwe nnabadde nnina okukola ekiro ekikeesezza olwa leero, naye kati nnina kukukola lwa leero. Kale leka ekkanisa esabe. Nnina—nnina olukuŋŋaana olunaatera okubaawo, nga lwa kubeera mu Bugirimaani kumpi ddala n'ensalo eyawulamu Bulaaya n'amawanga g'Ekikomunisiti, kale ensonga eyo ya kukwata na bwegendereza. Kale munsabire. Era, lwa kubeera, tusobola okutandikira mu kisaawe ekyo ekinene eky'omuzannyo gwa kuliketi ekiri mu Bugirimaani, Hitler kye yazimba nga olutalo terunnabaawo, kifo kinene bulungi, kituuza abantu emitwalo munaana. Era tusobola okukibeeramu okumala ebiro kkumi, birambirira. Kale eyo gye tusuubira okutandikira, oluvannyuma twolekere e La Salle Lorraine, mu Bufalansa, gye tuba tudda, bwe tuvaayo tugende e Berlin, tukomewo . . . Ntegeeza, Berlin ekiri wakati w'ekyo—w'ekyo ne Bufalansa.

4 Olwo ate tukomewo, Mukama nga ayagadde, tubeere mu lukuŋŋaana olunene olw'e Chicago. Olw'okutandika nga, ndowooza, ennaku z'omwezi ttaano, mukaaga, musanvu, munaana, ne mwenda, nze ze ndibuulira mu Chicago, mu lukuŋŋaana olunene olulibeera mu—mu kkanisa y'Abaswiidi. Kati ate, ne Mw. Boze, eri abamu ku mmwe abava mu Chicago, nabo balinayo olukuŋŋaana olunene olubadde olw'okutandika . . . olw'okutandika nga lumu omwezi gwa Agusito, manyanga, lwa kutandika nga lumu Ssebutemba, mu Sweden. Era ndi musanyufu nnyo okumanya nti bwe baali basalawo okunnyaniriza, okugendayo, bonna bakkiriziganya wamu kikumi ku kikumi. Ekyo nnakisanyukira, naye kati ku bifo byombi nnina kugenda eyo oba kugenda mmanga eno kati. Kale munsabire Mukama ankulembere mu kifo ekituufu kye mba ŋŋendamu eyo emmeeme ezisinga obungi gye zinaalokolebwa, n'ekyo ekisinga obulungi gye kinaakolebwa ku lw'Obwakabaka bwa Katonda. Kati, bajja kubaayo n'olukuŋŋaana engulu eri, era ba—ab'omu Sweden, era yagambye nti tuyinza okuba n'abantu nga

emitwalo ebiri n'ekitundu, oba emitwalo esatu n'ekitundu ku ntandikwa, y'olukuŋŋaana, nga n'abasinga obungi ku bo bantu abatannalokoka.

5 Ate emmanga wano mu Bugirimaani, abo bo, balina ekisaawe ekituuza abantu emitwalo munaana. Weewaawo, ffe, eri mu Switzerland gye twaakava, twalina olukuŋŋaana olw'ekitalo, era ob'olyawo bangi ku mmwe temunnawulira byaliyo. Mukama yatuwa omukisa ogw'amaanyi, twafuna abantu emitwalo etaano abaalokoka mu biro bitaano, e—e—e Zurich, mu Switzerland.

6 Kale kati, Ow'oluganda Jack Shuler, bangi ku mmwe mumumanyi, Mumesodisiti, mutabani wa muzeeyi Bob Shuler. We twogerera bali mu Belfast, era—era bagamba nti ekifo kyonna bakivuunise, erudda eyo, ku lw'Enjiri, n'enkuyanja y'abantu abasinga ne ku abo Billy Graham be yalina mu lukuŋŋaana lwe. Jack muvubuka mulungi nnyo, ajjudde obunyiikivu n'okwagala. Era mu—mwesimbu nnyo mu ky'akola okutuusa nti nzikiriza nga muweereza wa Mukama ow'ekitalo. Kale Ow'oluganda Shuler mumusabire. Wamu ne—bali Jack Shuler, ne Jack MacArthur naye ali naye. Ow'oluganda Jack MacArthur naye mubuulizi wa maanyi, ddala. Era bannabyafaayo b'ekkanisa ab'eyo baagamba nti kwe kudda obuggya okukyasinze okuba okw'amaanyi okwali kubadde mu ggwanga lya Ireland. Kale n'olw'ekyo tu. . . Bulijjo mubeerenga mu kusaba nga musabira—abasajja abo. Bombi bavubuka bato, tebannaweza, ndowooza bali mu myaka nga ana, awo bwe watyo, oba nga tebannagiweza, balina amaka n'ebirala, era bayigiriza ba Njiri abalungi ddala abanywevu, era tubaagala.

7 Kale kati, nsaba—nsaba muleme kunneerabira, Katonda a—ansobozese okukola okusalawo okutuufu mu kiseera kino. Wabaawo ebiseera by'obeera awo nga tomanyi kkubo ki lya kukwata. Mwali mubaddeko mu mbeera eyo? Nzikiriza lumu Pawulo yatuukako mu mbeera eyo, si bwe kiri? Nga ali wakati w'amakubo abiri. Era aba akwata ekkubo erimu, awo, n'alaba Malayika mu kwolesebwa n'amugamba nti, "Wunguka ojje e Makedoni." Kitegeeza Mukama akyalina Malayika We, si bwe kiri? Ssinga nange nsobola okubeera omwetowaze mu mutima gwange mu nsonga eyo nga Pawulo bwe yali.

8 Era kati, akawungeezi ka leero, mujjukire enkuŋŋaana z'okubuulira Enjiri wano mu kkuŋŋaaniro, buli omu oyanirizibwa okujja. Mmwe abali wano mu Louisville, nja kuba mbuulirira mu Kkanisa ey'Oluggi Oluggule, akawungeezi ka leero, okumala essaawa eziwerako, okuva ku ssaawa emu n'ekitundu okutuusa ku ssaawa ssatu n'ekitundu, ewa Ow'oluganda Cauble. Nnabadde wa kujja wano emirundi ebiri. Naye musajja mulungi nnyo, n'ampita. Ate Ow'oluganda Cauble, musajja, waaluganda omuntumulamu ddala. Mmwe, muteekwa okuba nga mumumanyi bulungi, waaluganda mulungi nnyo, kale

nnabadde siyinza kumala gamuyiwa bwentyo obutagendayo nga ampise. Musabe. Okusinga byonna, musabe, era musabe Katonda atuwe okukola o—okusalawo okutuufu.

9 Kati, nga tetunnatandika Bubaka bwa Njiri, tuli mu makya mwe tulina abaana abato ab'okuwongayo. Na bwe kityo, nninawo wano omuto omu ow'okuwongayo, eri Mukama. Kati, emirundi mingi mu makanisa mangi . . .

Muwulira bulungi, emabega eri awasemba? Bwe muba muwulira, eddoboozi lituuka bulungi? Olw'ebiwujjo bino ebiri wano, nze ssisobola, tosobola kwewulira by'oyogera. Nedda, gireke, gireke terina buzibu. Nnina okutya nti nnyinza okufa ebbugumu ssinga eba teriiwo.

10 Kati a—abaana abato, oluusi batera okubamansirako amazzi, mu kkanisa, nga bakyali bawere. Era, ekyo weewaawo, kyasibuka mu ekereziya Katolika, nga bafuula abaana abato ba mmemba b'ekereziya, oba nga "bababatiza" nga bwe babayita nga bakyali bawere ddala. N'ab'ekkanisa y'Abamesodisiti nabo baakikoppa, eky'okubatiza abaana abawere, n'endala nnyingi, ndowooza n'endala eziwerako. Ndowooza eyo y'enjawulo eyali wakati w'Omunazaliini n'Omumesodisiti ow'enkola enkadde, kwali kubatiza baana abawere, n'enjawukana ezo entonotono n'ebirala. Naye, ka kikolebwe kitya, tekikola, sirowooza nga kirina amakulu ag'amaanyi ge kikola. Kubanga, mu byonna, ndowooza Kalivaaliyo ensonga eyo yagitereereza ddala, wali wennyini, n'eggwa, ekyo ddala bwe kiri, kubanga Yesu eyo gye yafiira asobole okulokola abaana abato n'okulokola ensi.

11 N'olw'ensonga eyo omwana omuto, si nsonga oba muzadde we ali atya, oba mwonoonyi kwenkana wa, ekyo tekirina kintu kyonna kye kikyusa, kubanga omwana oyo Omusaayi gwa Yesu Kristo gumulongoosa, mukiraba, ate ono ye Mwana gw'endiga gwa Katonda aggyawo ebibi by'ensi. Omwana oyo omuwere tayinza kwenenya. Tamanyi makulu ga kwenenya. Ku bubwe nga ye, talina nsonga yonna gy'ayinza kukuwa lwaki ali wano. Tasobola kukuwa nsonga lwaki ali wano. Naye Katonda ye yamutuma ajje wano, era Omusaayi gwa Yesu Kristo gumulongoosa akaseera kennyini w'atonnyera ku nsi. Era okutuusa lw'atuuka mu myaka w'avunaanyizibwa ku by'akola, n'aba nga amanyi okwawula ekituufu ku kikyamu, kati awo kyonna ky'akola abeera alina okwenenya olw'ekyo ky'aba akoze nga akimanyi nti kikyamu. Ekyo ddala bwe kiri. Kale, abamu ku bo babamansirako amazzi, nga balowooza nti tebajja kugenda mu Ggulu ssinga tebakikola.

12 Era waliwo n'enjigiriza egamba mbu omwana oyo abazadde be bwe babeera bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, mbu awo, omwana oyo abeera ajja kugenda mu Ggulu; naye, bwe babeera tebajjuzibwanga, mbu eby'omwana oyo awo we bikoma, mbu ebibye bikoma awo. Eyo nsobi nnene nnyo. Eky'abazadde be

okuba nti bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu kireetawo njawulo ki? Bonna baayita mu kwegomba kwa kwegatta, era n'omwana azaalibwa mu ngeri y'emu. N'olwekyo, bonna "bazaalibwa mu kibi, ne babumbibwa mu bujeemu, ne bajja mu nsi nga boogera bulimba." Ekyo, Ekyawandiikibwa bwe kityo bwe kikinnyonnyola.

13 N'olwekyo, kati Omusaayi gwa Yesu Kristo gulongoosa era ne gutangirira ku lw'omwana oyo. Singa amala n'afa, agenda butereevu mu Maaso ga Katonda, ne bw'aba nga abazadde be be basingayo okuba aboonoonyi ku nsi, okutuusa nga atuuse mu myaka mw'avunaanyizibwa ku ebyo by'akola nga asobola okwawula ekituufu n'ekikyamu. Kati kyonna ky'akola, okuva awo, kibeera kirina okumusonyiyibwa. Awo abeera alina okusaba okusonyiyibwa ku bubwe okuva awo okweyongerayo. Naye bw'aba akyali muwere . . .

14 Kati, eyo y'engeri gye tugezaako okukigobereramu, wano mu kkuŋŋaaniro. Kye kifo kyokka mu nsi yonna we ŋŋenda, ne mbuulira Enjigiriza, wano mu kkuŋŋaaniro, kubanga eno kkanisa yaffe. Era wano tubuulira Enjigiriza okukuuma abantu nga balambikiddwa mu ngeri entuufu. Abasajja abalala, mu makanisa gaabwe, nabo babuulira kyonna kye bakkiriza. Naye era nga baganda bange, weewaawo tuyinza okwawukanamukko, naye era tusigala tuli baaluganda. Era, naye wano mu kkuŋŋaaniro, tubuulira bye tulowooza okuba nti y'Enjigiriza esimbiddwa mu Byawandiikibwa. Era, nga mu eyo, tulabamu okuwongayo abaana abato, ffe kye tuyita okuwongayo abaana abato, omulundi gwokka mu Bayibuli we tulaba, oba awantu wokka mu Ndagaano Empya abaana abato we baliko kye baakola, manya Kristo lwe yakola omukolo gwonna ogukwata ku baana abato, kyali nti, Yabasitula mu mikono Gye era n'abassaako emikono Gye n'abawa omukisa, n'agamba nti, "Muleke abaana abato bajje Gyendi. Temubaziyiza, kubanga abafaanana nga bano Obwakabaka bwa Katonda bwe bwabwe."

15 Kati, twaweebwa ekkatala, okusinziira ku kye tutegeezebwa, ery'okugenda mu maaso n'omulimu gwe Yajja o—okutuukiriza. Okufa Kwe e Kalivaaliyo, Yali naffe n'ava . . . yava mu Katonda, n'ajja mu nsi, n'addayo okuva mu Katonda, manyanga okuva mu nsi n'addayo mu Katonda, n'akomawo nate mu nkula ey'Omwoyo Omutukuvu, era Ali naffe, mu ffe, okutuuka ku nkomerero y'ensi, nga agenda mu maaso mu Kkanisa Ye n'omulimu gwe gumu gwe Yakola bwe Yali wano ku nsi. Era, okuyita mu ekyo, abaana baffe omu ku omu tubatwala, eri abaweereza, ne babasabira, ne babassaako emikono ne babawongayo eri Katonda. Nga omukolo omutonotono ogw'okwoleka nti tusiima ekyo Mukama ky'atukoledde nga atuwa abaana abato.

16 Kati, omwana wo omuto bw'aba yamansirwako amazzi, oba engeri yonna gye baakikolamu mu kkanisa y'ewammwe,

lowooza. Ffe tetulina kintu kyonna kikyamu kye tukyogerako. Tekirina buzibu. Naye, okusinziira ku Byawandiikibwa, tulaba ekifo kimu kyokka, weewo Yesu we yabaweera omukisa, Ye kennyini. Ekyo ŋŋenda kukisoma, nga Mukama ayagadde, okuva wano eno mu—mu Kigambo. Tusanga, mu njiri y'Omutukuvu Lukka . . . Nzikiriza e—essuula ey'e 10, okutandikira ku lunyiriri olw'e 13.

> *Awo ne bamuleetera abaana abato, okubakomako: abayigirizwa be ne bajunga abaabaleeta.*
>
> *Naye Yesu bwe yakiraba, n'asunguwala, n'abagamba nti, Mukkirize abaana abato bajje gye ndi, so temubagaana: kubanga abafaanana nga bano obwakabaka bwa Katonda bwe bwabwe.*
>
> *Mazima ddala mbagamba nti, Buli atakkirizenga bwakabaka bwa Katonda nga omwana omuto, talibuyingiramu n'akatono.*
>
> *N'abawambaatira, n'abawa omukisa, ng'abassaako emikono.*

17 Ekyo si kirungi nnyo? Yagamba nti, "Kati, abaana abato mubaleke bajje Gyendi. Temubagaana, kubanga abafaanana nga abo, afaanana nga omwana oyo omuto, obwakabaka bwa Katonda bubwe." Bw'atyo n'Abawambaatira mu mikono Gye, n'abawa omukisa.

18 Kati, nga twandikyagadde nnyo, enkya ya leero, ssinga tubadde ne Yesu mu buntu, nga atudde wano ku kituuti, ne tumugamba nti, "Mukama wange, nsaba owe omwana wange omukisa?" O, nga kya . . . eri amaaso gaffe ag'obuntu n'emitima gyaffe ekyo nga tuwulira twandyagadde okukirabako. Naye era, Ali wano, kubanga Yatutuma tugende tukikole. Era, okusinziira ku kye tuba tukoze, bw'Atyo naye akakasa ekyo kye tuba tukoze. Bwe tusembeza oyo gwe Yatuma, tubeera tusembezza Oyo eyamutuma, mukiraba. N'olwekyo, Ali wano enkya ya leero. Era Mwanyinaffe Gertie bw'aba asobola ajje atuule ku nnanga akube oluyimba lwaffe olw'edda lwe twayimbanga edda ennyo, olugamba nti, "Mubayingize munda, muleete abato abo eri Yesu." Nzikiriza mweruli omwo mu katabo. Ssikakasa. "Abato mubaleete eri Yesu." Era bw'oba olina omwana omuwere, omwana omuto atannawongebwayo, nga oyagala okumuwongayo enkya ya leero, ddala, tunaasanyuka okukikola.

19 Kati waliwo ku baweereza mu kizimbe muno, ababuulizi abandyagadde okujja mu maaso bayimirire naffe wano nga bwe tuwongayo abaana bano eri Mukama? Tunaasanyuka okuba nammwe, nga bwe mujja. Kale, mweruli mu katabo ako? Olufunye, Ow'oluganda Neville? Teruliimu. Kale, bameka abalumanyi, *Mubayingize Munda*? Kale, kaakano leka

tuluyimbe. Ffenna wamu, nga bamaama bwe baleeta abaana baabwe. Kale. Kale.

> . . . bayingize munda, mubayingize munda,
> Mubayingize munda mubajjeyo mu nsi y'ekibi;
> Mubayingize munda, mubayingize munda,
> Muleete abo abaabula eri Yesu.
>
> Mubayingize munda, mubayingize munda,
> Mubayingize munda mubajjeyo mu nsi y'ekibi;
> Mubayingize munda, mubayingize munda,
> Muleete abato abo eri Yesu.

Leka tukoteke emitwe gyaffe okumala akaseera.

20 Kitaffe ow'omu Ggulu, ku wolutaali eno enkya ya leero wayimiriddewo bamaama ne bataata nga basitudde abaana baabwe abato mu mikono gyabwe, b'Obawadde olw'ekisa. Babakwebaliza nnyo nnyini, ayi Mukama, era babaleese ku wolutaali wano enkya ya leero, mu nnyumba ya Katonda, okubawongayo, okuwaayo obulamu bwabwe gy'Oli. Ggwe wababawa. Era tukusaba, ayi Katonda, obalabirire era buli omu ku bo omuwe omukisa. Bakulembere, era leka Bamalayika ba Katonda abakuumi babakuume buli omu ku bo. Bawe obulamu obw'obuwangaazi obweyagaza era obw'essanyu. Leka bakule bafuuke abasajja n'abakazi aba Katonda, ab'enkya, bwe wabaawo olw'enkya.

21 Ayi Katonda, tukusaba Ositule ababuulizi ne bannabbi n'abayigiriza okuva mu kibinja ky'abaana bano abeetoolodde wolutaali eno enkya ya leero. Kibeere nti bwe tuliba tukaddiye nga tetukyayinza kweyongera mu maaso, nga tulina kusitulibwa busitulibwa okutujja mu kifo ekimu okutuzza mu kirala, tusaba tubeerewo tuwulire Enjiri nga ebuulirwa bano abali wano leero. Kikole, ayi Mukama. Era olunaku olumu olw'ekitiibwa nga byonna bikomye, nga obulamu bwaffe bukomekkerezeddwa, nze n'abazadde bano abali wano ku wolutaali, nsaba tubeere nga Yakobo ow'edda bwe yawa abaana be bonna omukisa n'abategeeza buli omu ku bo enkomerero ye bw'eriba mu kiseera eky'enkomerero. Bwe yamala n'ayimusa amaaso n'atunula waggulu, n'agamba nti, "Mumanyi, nga ndikuŋŋaanyizibwa wamu n'abantu bange." Era olunaku olumu olw'ekitiibwa, ye n'ezzadde lye lyonna, balikuŋŋaanyizibwa wamu mu Nsi esinga kw'eno obulungi. Balamu ky'ava yagamba nti, "Nsaba enkomerero yange ebeere nga eyiye bwe yali." Ayi Katonda, emikisa gino nkusaba ogiwe abazadde bano.

22 Era kaakano nga bwe tugenda okubassaako emikono, nga ki—nga kiyitirivu obulungi . . . Era nga Okireetedde okubeera eky'obwetowaze, ayi Mukama, okubeera nti ffe abasajja ab'ensi eno tubeera n'enkizo ey'okusabira abaana bano abato omukisa mu Linnya Lyo, nga tumanyi kino, nti, kye tusaba, kituweebwa. Nga bwe tugenda okubawa omukisa, nsaba Yesu, oyo Omuntu

atalabika, Omuyinza w'ebintu byonna ayimirire kumpi awe buli mwana omukisa nga bwe tubassaako emikono gyaffe n'okubawaayo gy'Ali. Kubanga tukisabye mu Linnya Lye. Amiina.

23 Ow'oluganda Glenn Funk, alina abaana be abato basatu ab'okuweebwayo eri Mukama. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

. . . a—akafo akeekusifu, emitala eri mu bitundu eby'omu mambuka, omwana ono Ggwe wamunsuubiza. Kitaffe, nsaba emikisa Gyo gimubeereko.

Joseph, mutabani wange, nkuwaayo eri Katonda. Era nsaba obulamu bwo bubeere omukisa. Nsaba obeere nnabbi, Joseph. Nsaba ekisa kya Katonda kibeere naawe. Nsaba Katonda wa kitaawo, Mukama waffe Yesu Kristo, akuwenga omukisa bulijjo, obulamu bwo abufuule omukisa eri abalala.

Mu Linnya lya Yesu Kristo, mmuwa omukisa. Amiina.

24 [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] . . . mwagala abaana abato? Waliwo eky'enjawulo ekiri ku baana abo abato nti buli maama abeera ayagala omwana we aweebwe omukisa.

Kati, eyo y'engeri y'emu ne Kitaffe ow'omu Ggulu gy'awulira eri ffe abakulu enkya ya leero. Ayagala buli omu ku ffe aweebwe omukisa. Abaako ekintu ky'atwanjulira, n'akituwa buwa, n'atugamba nti, "Kwata, Njagala oweebwe omukisa, mwana Wange." Ssi mulungi nnyo? N'olw'ensonga eyo tusobola okusiima Kitaffe ow'omu Ggulu ow'ekisa bw'atyo.

25 Kati, mu mikisa gy'abaana abato, omanyi, jjuuzi nnina Ekyawandiikibwa kye nnali nsoma wano, kiri wano eno, kyali mu Ndagaano Enkadde, ekyali kyogera, ku kintu ekikulu ddala e—ekyannyumira ennyo ddala bwe nnali nkisoma. Kiikino, wano wennyini. "Nassanayiri n'agamba Dawudi nti, 'Kola byonna ebiri mu mutima gwo, kubanga Katonda ali naawe.'" Mukiraba? "Kola ebiri mu mutima gwo." Era emirundi mingi kino nkye—nkyetegerezza, eri ggwe mukwano gwange Omukristaayo, nti njogeddenga ebintu nga simanyi na kumanya kiki kye njogera, naye oluvannyuma ne nkizuula nga bituukirira. By'oyogera!

26 Lumu kyayogerwa nti, Yesu yakka okuva ku lusozi n'Alaba omuti ogutaaliko kintu kyonna, okuggyako ebikoola byokka, nga teguliiko kibala kyonna, n'Agamba nti, "Tewabanga alya ku bibala byo okusooka kaakano."

27 Enkeera, bwe baali bayitawo, abatume ne balaba ebikoola nga bikaze. Omu n'agamba nti, "Laba omuti bwe gukaze amangu ennyo."

28 Yesu n'agamba nti, "Mube n'okukkiriza mu Katonda; kubanga buli kintu kyonna kye mwagala, bwe musaba, mukkirize nga kibaweereddwa era mujja kukifuna. Era buli kyonna kye munaayogeranga, munaafunanga ekyo

kye munaabanga mwogedde." Ekyo kirowoozeeko. O! Era ob'olyawo leero, Omwoyo Omutukuvu wa Katonda ow'amaanyi, nga asinziira wano ku wolutaali, oyinza okugamba . . . Kati, tekyetaagisa kuba kiyooyoote. Tekirina kuba kifo kya maanyi ekiwundiddwa mu ngeri ey'ekitalo.

29 Lumu Yakobo ye yaseetula buseetuzi jjinja n'alyezizika wansi w'omutwe gwe, naye n'okutuusa kati limanyiddwa nga Ejjinja ly'e Scone. Manya, Ejjinja ly'e Scone, okutuusa nti abasajja ab'ekitalo ab'ensi ejjinja eryo bakyalikunguzza buli wamu, okulitwala bakabaka basobole okutikkirirwa ku jjinja lino, ejjinja ekkadde erya bulijjo eryali awo mu nnimiro.

Beseri yali ntuumu butuumu ya mayinja agatuumiddwa buli limu ku linnaalyo, naye n'efuuka ennyumba ya Katonda, ekifo w'abeera. Yakobo yagamba nti, "Ekifo kino si kirala kyonna wabula eno y'ennyumba ya Katonda ddala." Entuumu obutuumu ey'amayinja agatuumiddwa buli limu ku linnaalyo.

30 Tebirina kubeera bintu ebinene eby'amaanyi ebitegekeddwa obulungi mu ngeri ey'ekikungu. Kyetaagisa ngeri ennyangu awamu n'okukkiriza okusobola okukkiriza, kye kyetaagisa. Ebyo bye bikikola.

31 Kati, nga tumanyi nti obudde mu kaseera katono bunaaba buyise, tugenda kugezaako obutabalwisaawo kumala bbanga ddene nnyo, kuba tumanyi bulungi nti ebbugumu lingi ate n'ekkanisa ekubyeko abantu. Kale ŋŋenda kwogerako gye muli okumala akaseera akatonotono enkya ya leero, ku ky'okuyigako ekitonotono wano ekiyinza . . . nzikiriza ekijja okubayamba. Era kati nze, bwe nnabadde ssinnasimbula kuva waka, nnina obuntu nga busatu oba buna bwe nnawandiise wansi. Nnagambye nti, "Ŋŋenda kulinda ndabe ekyo Mukama ky'anaaba ayagadde njogereko bwe nnaaba ntuuseyo." Nnawandiise wano obuntu mukaaga, emitwe emitonotono egy'okuyigirizaako, era ogumu nnaguwandiise wansi, akapapula ne nkateeka mu nsawo yange bwenti. Muli ne ŋŋamba nti, "Leka ndabe, we nnaatuukira ku kituuti oba oli awo ajja kubaako ne ky'Aŋŋamba eky'okwogerako." Naye ne mu kaseera kano kennyini sinnabaako na kye nkomekkereza nakyo era nga bwe nnabadde nga nkyali eri. Kale, naye era, ŋŋenda kubaako Ekyawandiikibwa wano kye nsoma, Mukama atuyambe okukitegeera. Essuula ey'e 14 ey'enjiri y'Omutukuvu Lukka, era leka tutandikire nga ku lw'asatu mu- . . . olunyiriri olwa 31 olw'essuula ey'e 14 ey'enjiri y'Omutukuvu Lukka.

> *Oba kabaka ki bw'aba ng'agenda ku lutalo okulwana ne kabaka omulala atasooka kutuula n'ateesa ebigambo, oba ng'ayinza n'akakumi okusisinkana n'oli amujjira n'obukumi bubiri?*

Oba nga si bwe kityo, bw'aba a . . . *oli bw'aba nga akyali wala nnyo, atuma ababaka n'asaba eby'okutabagana.*

Kale bwe kityo buli muntu yenna ku mmwe . . .

32 Njagala musseeyo nnyo omwoyo. Kati, ekisooka Yagamba . . . Luno lwali lugero. Yagamba nti, "Kati, waliwo kabaka ajja, era alina abajaasi emitwalo ebiri; naye ate kabaka *ono* ayagala okweŋŋanga oli, ye alina abajaasi omutwalo gumu gwokka. Kale kaakati, ekisooka, atuula wansi ne yeebuuza oba nga mwetegefu, oba nga asobola okulwana oba nedda." Kale.

. . . ateefiirizenga byonna by'ali nabyo, taayinzenga kuba muyigirizwa wange. (Mukiraba?)

33 Kaakano leka Mukama ayongere omukisa Gwe ku Kigambo kino. Kati leka tukoteke emitwe gyaffe okumala akaseera.

34 Kitaffe ow'omu Ggulu, Ggwe Amanyi ebintu byonna, era atasosola mu bantu bonna, kubanga omuntu y'ani Ggwe okumulowoozaako? Ggwe wakola omuntu, era alinga ekimuli ky'omu nnimiro: olwa leero kiba kirabika bulungi, enkya ne kitemebwa, ne kisuulibwa mu kikoomi ky'omuliro, ne kiwotoka ne kiggwaawo. Era nkusaba, ayi Katonda, otukwatirwe ekisa olwa leero era buli omu yeekenneenye obulamu bwe leero. Tuli wano nga tuli mu nnyumba ey'okugololerwamu. Tuli wano okuyiga n'okutegeera engeri y'okutambuzaamu obulamu, era leka bive mu Kigambo Kyo leero, Ayi Katonda Ataggwaawo. Waliwo bangi ku baana Bo abakuŋŋaanye, era nga bangi ku bo bamaze emyaka mingi nga baana Bo, naye, nga bwe kiri, ffenna tukomawo mu nnyumba ya Katonda, okuyiga, okumanya. Nange, omuweereza Wo, njaayaana okweyongera okumanya ebisingawo ebikukwatako. Era nkusaba ffenna Otusseeko okuluŋŋamizibwa kw'Enjiri, okusse ku muweereza Wo, era Okubeerawo Kwo, nga bwe kuyita mu kizimbe kino nga bwe kutuluŋŋamya, kubeere kwa maanyi nnyo olunaku lwa leero, okutuusa lwe tunaava wano, nga mu mitima gyaffe, tulina okuyaayaana okw'okubeera abaweereza bo abasinga ku bwe tubadde, okubeera kwaffe wano kubeere kwa mugaso gye tuli. Ai Katonda ow'ekisa, emikisa gino tukusaba ogituwe mu Linnya lya Yesu, Omwana Wo. Amiina.

35 Kaakano Mukama ayongere emikisa Gye ku Kigambo nga bwe tukisomye. Enkya ya leero njagala okukozesa omutwe gw'eky'okuyigako, ogugamba nti, "Myoyo egisendasenda oba Kigambo kya Katonda?" Kati, weewaawo kyakuyigako ekitali kya bulijjo, naye nga bwe tuli wano mu kkuŋŋaaniro . . . Kati ku Lwokusatu akawungeezi . . . Ku makya ga Ssande ewedde nnali njogera ku—ku jjubireewo entonotono ey'Enjiri.

36 Ate ku Lwokusatu akawungeezi nnali mbuulira ku mukazi eyalina o—omukuufu ku mutwe gwe, manyanga e . . . Emu ku nnusu ze yali emubuzeeko, era yali ayera

ennyumba nga agezaako okuginoonya nga bba tannajja. Era twagenda okukizuula nga omukazi oyo yali mukazi yali alina ky'ayoleka, era nga ya . . . yali ayoleka Kkanisa. Era nga empeta y'embaga edda teyayambalwanga ku ngalo. Yayambalwanga ku mutwe, nga erimu ebinusu bya ffeeza mwenda. Era omukazi bwe yafuukanga malaaya, nga ekinusu ekimu ekya ffeeza bakiggyamu okulaga nti yali malaaya. Kale kati omukazi ono emu ku nnusu ze yali emubuzeeko, wabula nga ye teyali malaaya. Naye bba yali yagenda ku lugendo, era omukazi yali agezaako okwanguwa okuzuula ennusu eyo, agizze mu mukuufu gwe, kubanga ssinga bba akomawo aba ajja kulowooza nti yakwatibwa mu bwamalaaya, era kyandibadde kitegeeza maka kusasika n'ebirala. Era ekyo okumala akaseera akawerako nnakigeraageranya n'ekkanisa, ebintu bingi eby'amaanyi ebyagibulako. Ate nga kye kiseera Kitaffe okujja, kale tulina okubinoonya tubizuule. Kati, nga bwe tukimanyi nti mu kkanisa, ne mu kkuŋŋaaniro lyaffe . . .

37 Kati nja—njagala okwogera ku *Emyoyo Egisendasenda,* nga mu butuufu kyandibadde kiyitibwa *Okuyiga Ku Nkola y'Emizimu.* Ensangi zino, muwulira bingi nnyo ebyogerwa ku mizimu, naye muwulira bitono nnyo ebikwata ku ngeri y'okugigobamu. Ffenna tu—tukimanyi bulungi nti emizimu weegiri, naye, ekiddako kwe kumanya, engeri y'okugobamu oguntu ogwo. Era kati waliwo . . . Nga, bwe mbadde n'omukisa emirundi egitali gimu, olw'ekisa kya Katonda okweŋŋanga ebintu bino ebiyitibwa emizimu, n'okugisisinkananga ku kituuti ne mu bulamu bwange obwa bulijjo, ddala, weewaawo, nnandyagadde okunoonyereza mu Byawandiikibwa enkya ya leero n'okuzuula ebintu ebyo ddala kye biri.

38 Kati, tugyogeddengako mu lukuŋŋaana lw'okuwonyezebwa, bulijjo tugyogerako ku ludda lwa kuwonyezebwa. Kookolo, ekizimba, ensenke ku maaso, akafuba, ebintu ebyo byonna si bintu bya butonde, bintu ebisukkulumye ku butonde era egyo mizimu. Ekyo Ebyawandiikibwa bikikakasa bulungi nnyo ddala. Naye egyo giba mizimu mu mubiri, omubiri mwe gikulira, okugeza nga kookolo, munda mu kookolo oyo mulimu obulamu, era obulamu bwa kookolo oyo muzimu. Akanyama ensenke mw'ekulira, okusaasaana kw'akafuba, n'endwadde endala, gyonna mizimu. Awo nga giri mu nkula ey'omubiri.

39 Kati, enkya ya leero tugenda kwogera—kwogera ku mizimu mu nkula ey'omwoyo mu mmeeme. Nga bwe gibeera mu mubiri ne mu mmeeme bwe gibeeramu. Era tuteekwa okukikkiriza nti tugiraba mu mibiri gy'abantu, nga bi kookolo ne—n'endwadde endala ezitali zimu eziba mu mubiri gw'omuntu.

40 Jjuuzi wano, kookolo naye yalangirirwa nga obulwadde obw'ekika ekiri mu mutendera ogw'okuna, nti buli mu mutendera mulala. Ddala bwe kiri, kwonna kukola kwa mizimu.

Buli ndwadde yonna ndwadde ya mu mutendera gwakuna, gy'esibuka.

41 Kati, naye kati kookolo asobola okubeera mu mubiri oba kookolo n'abeera mu mmeeme, omuzimu ogwo gusobola okulumbagana ekimu ku bitundu ebyo. Kati, waliwo emirundi mingi era waliwo abantu bangi abalina ebirowoozo ebirungi aba. . .ate nga bantu ddala abalungi abagezaako emirundi mingi oku—okubaako enjigiriza y'eddiini kwe beesigama, oba ekintu kye baayigirizibwa okuva nga bakyali bato, naye ne beesanga nga munda ddala mu bo, mu buziba bw'emmeeme zaabwe, nga bakyalinamu ekintu ekitali kituufu. Ggwe, weebali wano bangi enkya ya leero, awatali kubuusabuusa buli wonna w'osanga Abakristaayo nga bakuŋŋaanye, osangawo abantu abalina emyoyo egyo mu bo, nti ba. . .Si kye baba baagala. Babeera tebagyagala. Babeera bagamba nti, "Oo, singa nsobola okulekera awo okulimba! Singa nsobola okulekayo okwegomba okw'obukaba! Singa nsobola okuleka *kino* na *kiri*!" Kati, egyo giba mizimu. Era, kati, emirundi mingi, gijjira mu ngeri ya ddiini. (Nga bwe kiri nti lino ly'essomo ekkulu erya Ssande, kiseera kya kuyigiriza, kale leka kino tukiyingire mu buziba.) Kati, emirundi mingi, gijjira mu nkula ya ddiini.

42 Kati, mu Byawandiikibwa, lumu, waaliwo omusajja eyali ayitibwa Yekosafaati, omusajja ow'ekitalo, omusajja munnaddiini. N'agenda eri kabaka omulala eyali kabaka wa—wa Isiraeri. Nga ye, Yekosafaati, y'eyali kabaka wa Yuda. Bw'atyo n'aserengeta n'agenda eri Akabu, kabaka wa Isiraeri, bonna ne bambala eby'okulwanyisa, ne bakola omukago ogw'awamu, okugenda okulwana e Lamosu Gireyaadi. Naye ne bakikola nga tebasoose kusaba.

43 O, ssinga abantu basobola okutegeera! Eyo y'ensonga lwaki nzize enkya ya leero ne mbasaba munzijukire mu kusaba nga bwe ŋŋenda emitala w'amayanja. Mu bintu byonna, saba!

Jjuuzi waliwo eyajja n'ambuuza nti, "Ow'oluganda Branham, olowooza kikyamu okukola ekintu gundi?"

44 Ne mmubuuza nti, "Lwaki okyakirinako ekibuuzo mu ggwe?" Okiraba? Bw'oba nga mu birowoozo byo okyakirinako ekibuuzo, kiveeko, togeza n'okikola. Ekyo ky'oba okwata. Bw'otanula okubaako ekintu kyonna ky'okola, naye mu ggwe n'oba nga okyakirinako ekibuuzo oba kituufu oba kikyamu, kireke tokikola. Togeza okukiyingiramu, awo ojja kumanya nti oli mutuufu.

45 Kati, ebintu byonna birina kwekenneenyezebwa mu kusaba, okusooka. "Musooke munoonye Obwakababaka bwa Katonda n'obutuukirivu Bwe, n'ebirala bino byonna binaabongerwako." Ndi mukakafu ddala enkya ya leero, nti singa abasajja n'abakazi basobola okutuuka mu mbeera emmeeme zaabwe, ebirowoozo byabwe, n'endowooza zaabwe, we binaabeerera nga

bituukiridde mu maaso ga Katonda, eyo ye yandibadde emu ku kkanisa ezisingayo okuba ez'amaanyi eyali ebaddewo.

46 Mwekkaanye okumala akaseera ku ludda olw'omubiri. Kati, tuli, tulina, emirundi mingi, tumaze emyaka egiwerako, nga tulina kye tuyita "akuuma akazuula obulimba." Osobola okukambala ku mukono gwo, oli n'akeesiba ku mutwe—ku mutwe gwe erudda, ggwe n'oyingira n'ogerezaako ddala nga bw'osobola okufuula obulimba okuwulikika nga amazima, naye buli mulundi era kko kajja kubukwata nga bulimba, kubanga omuntu yakolebwa nga tateekwa kulimba. Obulimba kintu eky'obukuusa, kintu ekikalubo, ekibi. Waakiri mbeera n'omutamiivu, okumala obudde bwonna bwe nnaamala naye, naye nga sibadde na mulimba. Mukiraba? Omulimba! Ate omubiri gwo tegwakolebwa kulimba. K'obeere mwonoonyi okwenkana wa, osigala oli mwana wa Katonda eyagwa. Bw'oba nga ggwe muntu asingayo okuba omwonoonyi mu kibuga kino leero, Katonda teyakigenderera ggwe kubeera mwonoonyi. Yayagala obeere mutabani oba muwala We. Wakolebwa mu Nkula Ye Mwene. Naye ekibi kye kyakuleetera okukola ekyo. Era ne bw'ogezaako otya okubuzibiikiriza n'ogezaako okufuula obulimba okulabika nga amazima, balina akuuma aka ssaayansi akakakasa nti olimbye. Obulimba obwo osobola okubwogera nga bw'oyagala n'olaga nti toliiko musango yadde, naye era akuuma kko kajja kulaga nti bulimba; kubanga munda mu muntu mulimu entegeera ey'omunda mu mutima, era entegeera eyo ey'omunda mu mutima yo ekituufu ekimanyi. Era ne bw'oyogera kiki wano ku mimwa, entegeera eri ey'omunda mu mutima yo ekimanyi nti bulimba, ate kko akuuma kajja kulaga biva mu ntegeera eri ey'omunda mu mutima.

47 N'olwekyo, singa omusajja oba omukazi asobola okuddira ebirowoozo bye, n'obujulizi bwe wamu n'obulamu bwe ne bibeera mu mbeera entuufu eri Katonda (amiina) okutuusa omukutu gw'Omwoyo Omutukuvu lwe gunaabeera bumu ddala ne Katonda, kiki ekiyinza okubaawo! Singa omusajja n'omukazi basobola okutereeza obulamu bwabwe, ne kituuka okuba nti okuva mu mitima gyabwe mukulukutamu eddembe, wamu n'okukkiriza okuva munda mu buziba!

48 Abantu bangi bajja ku wolutaali okusabirwa, naye nga balina kukkiriza kwa ntegeera ya mu bwongo. Beenenya ebibi byabwe ne beegatta ku kkanisa, nga bakikola lwa kukkiriza kwa ntegeera ya mu bwongo. Bakikkiriza mu—mu birowoozo byabwe. Bakikkiriza kubanga bakiwulidde. Bakikkiriza kubanga bakimanyi nti y'enkola esinga. Naye ekyo Katonda si ky'atunuulira. Tatunuulira kukkiriza kwa ntegeera ya mu bwongo bwo.

49 Atunuulira mutima, munda eri Katonda gy'a . . . Era bwe kuba kuva mu mutima, awo ebintu byonna biba biyinzika. Awo

ky'oyatula kibeera kikwatagana n'obulamu bwo. Obulamu bwo bubeera bwogerera ku ddaala kye kimu n'okwatula kwo.

50 Naye ky'oyatula bwe kibeera ekirala, nga n'obulamu bwo bulaga kirala, wabeera waliwo ekikyamu awantu awamu. Nga ekyo kiva ku kubeera nti okukkiriza kw'olina kwa ntegeera ya mu bwongo, so si kukkiriza okuva mu mutima gwo. Era ekyo kiraga nti ebweru, *wano*, waliwo okumanya Katonda; naye munda, *wano*, waliwo ddayimooni ey'okubuusabuusa. "Nzikiririza mu kuwonyezebwa okw'Obwakatonda, naye si kwange." Okiraba? "Ah, kuyinza okuba nga kukola, naye nze sikukkiriza." Mukitegeera? Wabweru, ogamba nti "yee"; munda, okulumirizibwa kwo kkwo kugamba nti "nedda." Akuuma ako ke kamu aka ssaayansi kajja kukikakasa nti ekyo si kye kibadde ekituufu, kajja kukikakasa.

51 Mulabeeyo kati bakabaka bano, nga tebannasimbula, baalina oku. . . Nga Yekosafaati tannakola mukago na Akabu, yalina kusooka kugamba nti, "Leka tusabe tulabe kiki Mukama ky'ayagala kikolebwe."

52 Mpaayo omubuulizi yenna, mpaayo Omukristaayo yenna, mpaayo omukyala yenna omufumbo nga Mukristaayo, mpaayo omulimi yenna, oba omukozi w'omu kkolero yenna, anaakulembeza Katonda mu buli kimu, nange nnaakulaga omuntu anaalaba obuwanguzi si nsonga biki byonna ssitaani by'ayinza okumulumbagana nabyo. Anoonya Katonda, okusooka. Tulina kusooka ku. . .

53 Naye tebaakikola. Bonna baawuddiisibwa olw'okubanga Akabu yalina obwakabaka obunene obukulaakulanye, nga akoze ebintu bingi nnyo eby'amaanyi, nga alina ebyambalo eby'ekitalo, alina zaabu alina ffeeza, nga musajja wa maanyi nnyo, eyakulaakulana, naye nga si mukkiriza.

54 Era awo ensi w'eri leero. Awo Amerika w'eyimiridde leero. Awo amakanisa we gayimiridde leero. Tuzimbye agamu ku makanisa agasingayo obulungi agaali gazimbiddwa. Tubadde n'abamu ku bayivu abaakuguka mu by'eddiini abasingirayo ddala be twali tubadde nabo. Tuyigirizza ezimu ku njigiriza z'eddiini ezisingirayo ddala obulungi, n'ebirala, ne tuyiga n'okuyimba nga Bamalayika, naye era wakyaliwo awali obunafu. Waliwo obunafu, kubanga bagoberedde njigiriza zaagunjibwa bantu wamu n'emyoyo egisendasenda, mu kifo ky'okudda ku Kigambo kya Katonda. Ebintu bagezaako okubikola okufaananako n'ensi bw'ebikola. Bagezezzaako okugitimbako ebitaala ebimasamasa, nga Hollywood.

55 Jjuuzi wano, waliwo ekibiina ky'eddiini ekimanyiddwa ennyo, mu kiwayi ky'aba Full Gospel mu Kibuga Kansas, manyanga, munsonyiweko, mu Denver, mu lukuŋŋaana olunene, bali mu kuzimba ekkanisa ya bukadde na bukadde obwa ddoola. Kyokka nga waliwo abaminsani nkumi na nkumi abalindiridde

obusente kitundu kya ddoola emu okuva mu kibiina ky'eddiini kye kimu ekyo, okutwala Enjiri eri abakaafiiri. Kye twetaaga leero kwe kudda obuggya okw'endowooza ey'obuminsani, okusindikiddwa Katonda, okuzaaliddwa Omwoyo Omutukuvu, okujja n'obunyiikivu bwa Katonda, okweyongera mu maaso okugenda munda eyo mu gabira okubaako ne kye tukolera Katonda, mu kifo ky'okuzimba amakanisa amanene, agalabika obulungi okugezaako okuvuganya muliraanwa.

56 Waakiri nsinziza mu kifo omusuzibwa abatalina we basula ekyereddwa ne kirongoosebwa, oba mu bbaala, naye ne mba n'eddembe ly'Omwoyo Omutukuvu n'okwagala kwa Katonda nga kubugujja mu mitima, okusinga okutuula mu lutikko esingayo okuba ey'ekitiibwa gye tulina mu nsi nga nkugirwa n'enjigiriza ez'obuntu n'ebiyiiye. Kye twetaaga leero kwe kudda obuggya okuyuuguumya, tuddeyo ku Mazima, tuddeyo ku Kigambo kya Katonda nate.

57 Kati, bwe baafuluma ne bagenda, waayitawo akaseera Yekosafaati n'aba nga adda mu ntegeera ye n'abuuza nti, "Tetwa . . . Naye, leka twebuuze ku Mukama ku nsonga eno."

58 N'agamba nti, "Kale tukikole," nga Akabu y'agamba, bw'atyo n'atumya ne bamuleetera ebikumi, ababuulizi abatendeke obulungi ebikumi bina. N'abalinnyisa waggulu gye baali n'agamba nti, "Bano bonna bannabbi."

59 Awo ne batandika okulaamiriza kwabwe, ne batandika okukoowoola. Ne babagamba nti, "Weewaawo, mugende mirembe. Mukama ali nammwe."

60 Awo ebikumi bina bwe baamala okuwa obujulirwa bwabwe nga bano bwe basaanye okwambuka okulumba mu mirembe, naye nga ye Yekosafaati akimanyi nti . . . Mukitegeera? Mulabeeyo, munda mu buziba bw'omutima gw'omusajja oyo omutuukirivu mwalimu ekintu ekyamulabula nti waliwo ekikyamu awantu awamu. Waaliwo ekitaali kituufu.

61 Akabu n'agamba nti, "Kaakano tulina wano ebikumi bina, era bonna wamu n'omutima gumu, buli omu ku bo agambye nti, 'Mugende, Mukama ali nammwe.'"

Naye Yekosafaati n'amubuuza nti, "Tolinaayo mulala yenna?"

62 N'amubuuza nti, "Ate, omulala twetaaga waaki, nga tumaze okuwulira okuva eri abasajja ebikumi bina abasingayo obuyivu mu ggwanga? Bonna bagambye nti 'Mugende!'" Ago gaali magezi ga bwongo. Naye munda mu buziba bw'omutima gwa Yekosafaati yakimanya nti waliwo ekikyamu. Kati, oli n'agamba nti, "Tulinayo omulala omu, ye Mikaaya. Naye ssimwagala." N'agamba nti, "Ye lubeerera ayogera bibi byereere, na kwogera bikankana by'atasaanidde kwogera, era abeera avumirira makanisa n'ebintu ebirala." N'agamba nti, "Ssimwagala."

N'agamba nti, "Mugende, mumuleete, tulabe ky'anaayogera."

63 Era Mikaaya olwatuuka, n'agamba. . . Baamugamba nti, "Kati, labayo, kakasa nti oyogera kye kimu nga abalala bonna kye boogedde."

64 N'agamba, n'agamba nti, "Nja ku. . . " Kiikino wano. "Nja kwogera ekyo kyokka Katonda ky'anaaba ayogedde." Amiina. "Sifuddeeyo oba nnabbi wammwe ayogera ki, oba *kino* kyogera ki, n'ekkanisa yammwe kiki ky'eyogera, na biki bye boogera, nze nja kwogera ekyo Katonda ky'anaaba ayogedde. Katonda ky'anateeka mu kamwa kange era ekyo ky'Anaayogera kye nja okwogera." Kye twetaaga leero be ba Mikaaya abalala abanaayogera ekyo Katonda ky'ayogedde. Mwekkaanye, bwe batyo bwe baamutuusaayo, n'abagamba nti, "Mumpeeyo ekiro kya leero." Bw'atyo ekiro ekyo Mukama n'amusisinkana, n'akomawo enkeera ku makya. Bakababaka bombi bwe baayimirira mu mulyango, n'abagamba nti, "Mwambukeeyo." N'agamba nti, "Mwambukeeyo. Naye," n'agamba nti, "nnalabye Isiraeri nga balinga endiga ezisaasaanye nga tezirina musumba."

65 Awo omubuulizi ono omu, yenna eyali ayambadde nga anekaanekanye, n'ajja w'ali n'amupacca oluyi ku mimwa, n'amubuuza nti, "Omwoyo wa Katonda yakutte kkubo ki bwe Yanvuddeko?"

Ye kwe kumwanukula nti, "Ekkubo lye yakutte oliritegeera nga okomyewo." Weewaawo.

66 Omubuulizi oli kwe kugamba nti, "Wuliriza!" N'amugamba nti, "Ffe baweereza ba Katonda. Ffe tuli ebikumu bina, ate ggwe oli omu."

67 Naye Mikaaya kwe kumugamba nti, "Ka nkubuulire omutawaana gwo we guli." Amiina! N'agamba nti, "Nnalabye okwolesebwa." Amiina! N'agamba nti, "Era nnalabye Katonda nga atudde ku ntebe Ye ey'obwakabaka. Nnalabye eggye ly'omu Ggulu lyonna nga liyimiridde okwetooloola w'Ali. Era tukimanyi nti Ekigambo kya Katonda kirangiridde ekikolimo ku musajja ono, okusinziira ku by'akoze."

68 Tosobola kuwa mukisa Katonda ky'akolimidde, ne ssetaani tayinza kukolimira Katonda ky'awadde mukisa. Nsonga ya muntu kinnoomu, si nsonga mwavu kwenkana wa oba musiru kwenkana wa, teyasoma kwenkana wa, oba muyivu kwenkana wa. Katonda ky'aba awadde omukisa kibeera kya mukisa. Katonda ky'aba akolimidde kibeera kikolimire. Manya okwawula ekituufu n'ekikyamu.

69 Mikaaya yali akimanyi bulungi nnyo nti oyo teyali Mukama eyali n'ababuulizi abo. Kati, ababuulizi abo kikyamu ki ekyabaliko? Weetegereze kye baakola. Baali bambaziddwa nga banekaanekanye. Baali baliisiddwa bulungi. Baali bakuŋŋaanye

wamu mu bibiina byabwe eby'enjawulo n'ebirala, n'abo be baali bakolagana nabo, okutuusa ekifo kyonna lwe kyatuuka mu mbeera nga kyokka kye bamanyi ze njigiriza zaabwe ez'eby'eddiini zokka. Naye Bayibuli egamba nti Mikaaya, bwe yalaba mu kwolesebwa, yagamba nti, "Katonda yabuuza nti, 'Tunaatuma ani anaagenda atusenderesendere Akabu?' Era omwoyo ogw'obulimba ne gwesowolayo ne gugamba nti, 'Nja kugenda nsendesende Akabu okuyita mu babuulizi abo, ndeetere Akabu okugenda okulumba, Ekigambo kya Katonda kisobole okutuukirizibwa.'"

70 Kati, abantu bangi leero bawuliriza . . . (Kati, Ssande sukuulu, njaagala.) Mulabeeyo, abantu bangi nnyo bawuliriza emyoyo egisendasenda mu kifo ky'okutwala Ekigambo kya Katonda. Emyoyo, mwegiri mu nsi. Emyoyo egyo zi ddayimooni. Era gigenda mu bifo ne giyingira mu basajja, abaweereza. Giyingira mu bammemba b'ekkanisa. Giyingira mu bantu abalungi. Ne gibaleetera okugwa, mu kuwubizibwa. Ne boogera ebintu, ne bakola ebintu, ne bayigiriza ebintu, ne beenyigira mu kukola ebintu, ebikontana n'Ekigambo kya Katonda. Leero, abaweereza abakulembera ebisibo byabwe bakkiriza abantu baabwe okuzannya matatu mu makanisa, bangi ku bo. Kati, abo si Bakatoliki bokka, waliwo n'abalala bangi ku b'enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki ekyo abakikola.

71 Kye bagezezzaako okukola kwe kubaako ekintu ekirala kye bawaanyisizzaamu kye baba batwala. Bagezezzaako okubaako enkola empya ze bakoppa. Bagezezzaako okuwanyisa obuyigirize, okuba nti bwe buba butwala ekifo ky'Omwoyo Omutukuvu. Temulisobola kukikola, omusajja wammwe k'abeere nga muyivu okwenkana wa. Ndowooza nga kirungi okubeera nti muyivu. Naye bw'abeera nga waggulu w'obuyigirize obwo talinaako Mwoyo Mutukuvu, obuyigirize bwe tebulina kalungi konna ke bujja kumukolera. Obuyigirize tebulitwala kifo kya bukulembeze bwa Mwoyo Mutukuvu. Amiina.

72 Mwetegereze, bo, mu kifo kya Kino, bagezezzaako okukiwaanyisaamu n'okukwata obukwasi mu ngalo ne balekawo kiri eky'obumanyirivu obw'edda bwe twafunanga. Leero ekkanisa efuuse ya mulembe. Bajja buzzi mu maaso ne babawa omukono ogwa ddyo ogw'okussa ekimu, ne kiggwa nga eyo y'engeri gye bakikolamu. Naye ekyo tekiriggyawo kifo kya katebe ka mukungubazi kali ak'enkola enkadde aboonoonyi we baakaabiranga ne batereeza ne Katonda. Ekyo kituufu.

73 Leero bagezaako okutwala ekifo ky'ekimu eky'ekkumi kya Katonda. Bagezaako okubaako ekintu kye bakiwaanyisaamu nakyo. Bagezaako okukifuulafuula. Baserengeta emmanga eyo ne bazannya emizannyo gya zzaala mu makanisa, ne bazannya emizannyo gy'okukuba obululu. Emizannyo gy'okukuba obululu tegiritwala kifo kya kimu kya kkumi kya Katonda. Okutegeka

ebijjulo, n'okutunda bulangiti, n'okukola obubagabaga, okusonda ssente okusasula amabanja ag'enjawulo, tebiritwala kifo kya kimu kya kkumi na kuwaayo biwebwayo eri Katonda eby'Obutaggwaawo. Tebirikikola. Naye ate tugezaako okubikola.

74 Kikolebwa ki? Myoyo egisendasenda gye gikikola nga gijja, okugezaako okuwaa-. . . okubaako ekintu kye giwaanyisaamu mu kifo ky'Ekigambo kya Katonda. Katonda talina kintu kirala kyonna kisobola kuwaanyisibwamu mu kifo kya Kigambo Kye. Kya Butaggwaawo era kya mirembe na mirembe. Katonda talina kintu kirala kyonna kisobola kuwaanyisibwamu mu kifo ky'okukkiriza. Okukkiriza tekulina kintu kyonna kye kuyinza kuwaanyisibwa nakyo. Essuubi teriritwala kifo kya kukkiriza. Okukkiriza kuli kwokka. Kuyimirira kwokka. Tekulitwala ki. . . Essuubi teriyinza kutwala kifo kyakwo. Essuubi kye kinyweza ebisuubirwa, ekitegeeza ddala ebigambo ebitalabika, manyanga okukkiriza, ekyo kye kuli. Mukiraba? Essuubi kintu kimu; n'okukkiriza kintu kirala. Essuubi likisuubira; naye okukkiriza kuba kukifunye. Ekimu kukkiriza okw'entegeera ey'omu bwongo; ate ekirala kubikkulirwa okuviira ddala eri Katonda. Tekulitwala kifo kya kubikkulirwa. Tugezaako, naye tukola bintu birala bino byonna eby'okuwanyisaamu mu kifo ky'ekirala.

75 Tuli mu kugezaako kuzimba makanisa manene mu kifo ky'okusindika abaminsani okugenda okuweereza. Ekintu ekirala ekiwaanyisiddwaamu mu kifo ky'ekirala. Yesu tatongozangako muntu yenna kuzimba kkanisa. Tekitongozebwangako mu Bayibuli. Tutandiseewo amatendekero g'ebyenjigiriza z'eddiini, ekyo ne bakiwa omwagaanya okutwala ekifo ky'obuminsani. Tu. . . Yesu tatugambangako kuzimba matendekero ga njigiriza za ddiini. Tegalina buzibu. Obuyigirize, bwe tugezaako okuwanyisa mu kifo kya kiri. Naye tebuligya mu kifo kyakyo. Omulimu gwa Yesu gwali nti "mugende mu nsi yonna mubuulire Enjiri eri buli kitonde," olw'ekiseera eky'enkomerero. N'olwekyo ebyo byonna bye tuguwaanyisizzaamu nagwo bye tulina tebiritwala kifo kya kiri ekya nnamaddala.

76 Luli nnina ekyantuukako, waaliwo okuwaanyisa. Nnali nnumizibwa erinnyo omulundi gwange ogwasooka, ne babeera nga erinnyo eryo balina okuliggyamu. Enkya ya leero mu mannyo gange bantaddemu erinnyo eritali lya butonde. Nzibuwalirwa n'okwogera. Teririkola nga liri erya nnamaddala. Nedda, ssebo! O, bannange!

77 Osobola okubajja omusajja mu mbaawo, n'omwambaza, oba nga omukoze mu nnoni, oba kyonna ky'oyagala okumukolamu, yenna n'omukolako n'anekaaneka. Wabula nga talina nneewulira yonna ya mubiri, talina bwongo kubaako ky'ategeera. Talitwala kifo kya musajja yenna omutonde. Bwe

kutyo n'okukyusibwa okw'obulimba bwe kuli okw'okujja obuzzi n'ogamba nti, "Kati nneegasse ku kkanisa. ŋŋenda kugezaako okukola obulungi." Tekulitwala kifo kya kukyusibwa okwa nnamaddala okw'enkola enkadde, okusindikibwa Katonda, okw'Omwoyo Omutukuvu, okukyusa omuntu ne kumufuula omuntu ow'enjawulo mu mutima gwe. Tekusobola kukikola, kubanga tekuliimu Bulamu. Tekuliimu kisobola kuwa muntu oyo Bulamu.

78 Gye buvuddeko wano ebbanga si ddene emabega nnalaba omusiizi w'ebifaananyi ow'ekitalo eyali aleese, manyanga, omwozi w'ebyole, eyali awodde ekyole kya Musa kino. Erinnya lye ndyerabidde. Mwozi wa byole Omuyonaani. Era nga kyamutwalira obulamu bwe okwola ekyole ekyo. Naye bwe yakituusa we yalowooza nti kaakano kituukiridde ddala nga bwe kirina okuba, n'asanyuka nnyo olw'ekyole kya Musa ekyo, n'akikuba ku vviivi lyakyo, n'akigamba nti, "Yogera, Musa!" Kyali kimufaananira ddala! Kyali kyoleddwa bulungi nnyo ddala okutuusa omwozi oyo lwe kyamufaananira nga Musa yennyini, mu birowoozo bye, n'atuuka n'okukikuba ennyondo kisobole okufuna enneewulira ey'obuntu.

79 Ekyo kinzijukiza ekikwata ku kkanisa. Ka muwaanyise kino na kiri, ka mubeere n'ekibiina ekinene okwenkana wa, ka muyimbe bulungi mutya ennyimba zammwe, abantu b'omu kibiina kyammwe ka bambale bulungi okwenkana wa, ka mufune *kino, kiri,* oba *ekirala*, musobola okukikuba, mukireetere okuba n'enneewulira, oba ne mukola ekintu ekirala kyonna naye ebyo byonna tebiritwala kifo kya Bulamu, okutuusa nga Kristo asse wansi mu nkula ey'Omwoyo Omutukuvu, mu kkanisa eyo, n'agiwa obumanyirivu obupya obw'okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri. Tebiritwala kifo kya Kigambo kya Katonda. Ekigambo kya Katonda kiyimirira kyokka.

80 Mikaaya yalina Ekigambo. Yali akimanyi bulungi nti Ekigambo akirina. Ekigambo yakirina mu buwandiike, nga akirina ne mu kwolesebwa. Yali amanyi Katonda kye yayogera mu Kigambo Kye. Nga amanyi ne Katonda kye yayogedde okuyita mu kwolesebwa. Byombi byali bikwatagana. Yali akimanyi nti ge Mazima, n'olw'ekyo yali tatidde.

81 Naye omwoyo guno ogusendasenda, laba kye gukoze, leero. Okwongera ku bungi bwa bammemba b'ekkanisa, okwongera okubeera ne bammemba b'ekkanisa abeeyisa obulungi okusingako ku bwe baali, guleese okussa wansi emitayimbwa ku njigiriza ey'enkola enkadde ey'Omwoyo Omutukuvu. Gukkirizza abasajja okutegeka obubagabaga obw'okwesanyusaamu ne bannaabwe, wansi eri mu mwaliiro ogusemba gye basobola okuzannyira emizannyo gyabwe. Ekyo tekiritwala kifo kya kisenge ekya waggulu, gye baali nga basaba okufuna Omwoyo Omutukuvu. Gukkirizza abakazi okukuŋŋaana awamu ne basaagasaaga n'ebintu eby'engeri eyo,

ne bakola ebintu ebiyitirivu ebitaliimu makulu ebitalina kalungi konna kabivaamu. Ekyo tekiritwala kifo kya lukuŋŋaana lwa kusaba. Abakazi, engeri gye batambula bambadde ensangi zino, ya—ya buswavu nnyo.

82 Nnawulira ebigambo Ow'oluganda Neville bye yayogera, n'agamba nti, "Bambi Abamerika battu," n'agamba nti, "engoye zaabwe zonna baziweerezza mitala wa mayanja." Bwe kiri. Kubanga kati batambula bambadde ngoye za munda. Ba . . . Ekyo bwe kiri. Bateekwa okuba nga baaziwa baminsani, kubanga abaminsani . . . Abantu abalala n'abakaafiiri mu nsi ziri endala bo engoye zaabwe bakyazambadde. Bano bo bazambulamu bwambuzi, kirabika nga kye kibanyumira.

83 Mbakakasa, waliwo ekyakyamizibwa, era nga ekyo kwe kubuulira kw'Enjiri ya Mukama waffe Yesu Kristo. Ezo dayimooni ze zibambula engoye zammwe. Mu Bayibuli mulimu omuntu omu yekka eyayuzaayuza engoye ze n'azeeyambula, era nga oyo yali musajja eyaliko dayimooni. Naye dayimooni eyo leero ejjira mu nkula ya kimpatiira, nga eringa etalina bulabe, nga eringa ennungi, eringa etalina kabi konna. "Embeera y'obudde mpeweevu, kale ojja kulabika bulungi ssinga engoye zo ozambulamu." Omusajja n'atambula nga bwe yeetala adda eno n'eri mu luggya, naye nga kyenkana ali bwereere, n'abakazi bwe batyo. Ky'ova olaba, mutuuse ku mutendera nga kati ekitiibwa kye mwewa kya wansi nnyo n'okusinga ku kye mwawanga embwa, buli omu ky'awa munne. Kiki ekyabaawo? Sigezaako kubalumya. Kye ngezaako okubategeeza kiri nti okwo kukozesebwa dayimooni, naye muwuliriza emyoyo egisendasenda egibagamba mbu, "ekyo tekirina kabi konna," naye bulimba.

84 Empeke y'eŋŋaano ejja kuzaala ŋŋaano yokka. Bw'oba nga oli Mukristaayo, ekyo tojja kukikola. Tosobola kukikola. Tekisoboka tosobola kukikola. Ogenda n'ofuna okukkiriza okw'entegeera ey'omu bwongo n'ogamba mbu, "Ow'oluganda Branham, Bayibuli ngikkiriza." Obulamu bwo bulaga nti togikkiriza. Amiina. Okutwala emyoyo egisendasenda mu kifo ky'Ekigambo kya Katonda.

85 Yali amanyi we yali ayimiridde, Mikaaya yali amanyiiwo. Yalina Ekigambo kya Katonda. Yali musajja ataagalibwa. Tewali yali amwagala kubanga yayogeranga Mazima, wadde nga bano ababuulizi abalala bo baali babaagala.

86 Kati, ekintu ekirala ekibaddewo. Nzikiriza era ndowooza nti omusajja yenna asisinkanye Katonda, oba omukazi, waliwo engeri okukyamuukirira gy'atayinza kukwewala. Ekyo ddala nkikkiriza. Ekyo kituufu. Naye mumanyi ekibaddewo? Baddidde okukyamuukirira ne bakuteeka mu kifo ky'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Baleekaana buleekaanyi, nga naye okuleekaana okwo tekuliimu makulu gonna. Ggwe tambulira

mu bulamu obutukuvu nga bw'oleekaana, awo tojja kubaako na nsonga yonna. Okukyamuukirira mazima ddala tekulina kabi konna; "okukola dduyiro w'omubiri kugasa kitono." Naye emyoyo egisendasenda giyingidde mu kibinja ky'abantu abakkiririza mu butukuvu, ne batuuka okuba nga kati munda mu bo beesigama ku kya kuba mbu "kubanga basobola okuleekaana" oba "kubanga basobola okuzina amazina, kubanga basobola okukyamuka."

87 Nnamukadde oli emmanga eri, eyali akulira bannabbi abo bonna, ababuulizi, yali mukakafu ddala nti yali mutuufu, okutuusa nti yeekolerayo n'amayembe abiri n'azina amazina nga bwe yeetooloola, n'aleeta akajagalalo ak'ekitalo. Yali agenda kusindiikiriza eggye liri ery'Abasuuli alitwalaganye alifulumye eggwanga. Naye bwali bulimba! Ekigambo kya Katonda kyali kyogedde ekintu kya njawulo. Amiina. Mulabeeyo, osobola okukyamuukirira nga ddala by'okyamuka bituufu, singa ofuna ekikusiikuula ekituufu, ekikusiikuula ekituufu ssinga kisiikuula obusimu bwo.

88 Dawudi yazina amazina mu maaso ga Mukama, ne mukyala we n'amusekerera. Naye Katonda n'atunula wansi nga asinziira mu Ggulu, n'agamba nti, "Dawudi, oli musajja alina omutima ddala nga Ogwange Gwennyini." Naye ebigendererwa bye byali bituufu. Obulamu bwe bwe yali atambuliramu bwali bulongoofu, kwe yali azinira amazina ago.

89 N'olwekyo, eky'okubeera nti tusobola okukyamuukirira, tekitegeeza nti twalokolebwa. Eky'okubeera nti tugenda mu kkanisa, tekitegeeza nti twalokolebwa. Temukkiriza myoyo egyo egisendasenda. Omwoyo wa Katonda yennyini, Ekigambo kya Katonda kyennyini, ge Mazima ga Katonda; nga ye Nsigo ya Katonda, gajja kubala Katonda mu bulamu bwo; obeere nga otya Katonda, nga oli mutuukirivu, nga oli mutukuvu.

90 Mu bantu abasinga obungi gye tusanga okukyamuukirira, n'ebirala, bivaamu kusamwassamwa na kugeyaŋŋana, n'ebintu ebya buli ngeri eby'obutatya Katonda. Ow'oluganda, oyo salufiriki asidi mu kkanisa. Ago maanyi ga dayimooni. Ogwo mwoyo oguleeta obutakkaanya wakati w'abasajja n'abakazi, ne bagezaako okwesala ku bannaabwe, nga bagamba nti, "*Kino* kikyamu, na *kino* kikyamu, na *kiri* kikyamu." Ensonga eyo singa ogirondoola, emirundi mwenda ku kkumi ojja kukizuula nti omuntu oyo yennyini aleeta akajagalalo, y'aba tateredde. Amiina. Katonda akyawa obutakkaanya wakati w'ab'oluganda. Beera muwombeefu, beera mutukuvu, yagala Katonda, yimirira ku ludda Lwe. Era kasita obeera nga okimanyi nti obulamu bwo bukwatagana ne Bayibuli, nga olina omutima omulongoofu, ebirowoozo ebirongoofu, okwagala eri muganda wo, nga ogezaako okukola ekisingayo okusitula Obwakabaka bwa Katonda, n'okukola ebintu ebyo, nga oyambala bulungi, otambulira mu bulamu obusaanidde, oyogera

ebyo ebisaanidde, ogenda mu bifo ebituufu, kati awo osobola okuba n'okukyamuukirira kwonna kw'oyagala, na buli muntu okukyamuukirira okwo ajja kukukkiriza.

91 Yesu yagamba nti, "Mmwe muli munnyo gwa nsi. Omunnyo bwe guggwaamu ensa, guba tegukyasaana nate, wabula okusuulibwa ebweru abantu ne bagulinnyirira." Bw'obeera omunnyo obunnyo kyokka, tekigasa. Naye bw'obeeramu n'ensa, ojja kubeeramu n'obuka bw'omunnyo era ekyo kijja kuleetera ensi okulumwa ennyonta. Ggwe beeramu n'obuka bw'omunnyo, bajja kulumwa ennyonta. Ha, bannange!

92 Emyoyo egisendasenda nga gigenda mu maaso, zi dayimooni nga zeefuula. Mulabeeyo, tuli mu nnaku za luvannyuma. Tuli mu kiseera kya nkomerero. Ensi enaatera okwengera, nga ejjute eryengeredde erinaatera okutulika olumu ku nnaku zino amasira gafubutukeyo. Efuuse njama. Tewali ddagala liyinza kugiwonya. Bagaanye—bagaanye eddagala. Bagaanye obujjanjabi. Ggwe ojje obeere n'ejjute ku mubiri gwo, era bw'otomira ddagala liyitibwa penicillin oba ekintu ekisobola okukaza ejjute eryo, oba ekintu ekirala, lijja kweyongera kuzimba okutuusa lwe linaatulika.

93 Ekyo ensi ky'ekoze. Yatandika, okuyenjebuka ebbanga si ddene eriyise. Baatwalirizibwa ne babaako endowooza ey'ekitalo gye bapaala nayo, emyoyo egy'obulimba ne giyingira ne gitandika okugamba abantu *kino, ekyo*, na *kiri*. Ne twekutulamu ebibiina lwenda n'omusobyo eby'enjawulo, nga buli kimu ebintu kibiraba mu ngeri ndala. Bagamba nti, "Ffe *kino* kye tukkiriza, era awo we tukoma tetwongerako! Ekyo kyokka kye tukkiriza." Tebasobola kuganya Mwoyo Mutukuvu kuyingira. Tebasobola kuba na ddembe kukola kye baagala. Katonda bwe yafunayokko ekibinja ky'abantu abasobola okuleekaana, olwo buli omu n'aba nga alina kuleekaana. Bwe baafunayokko abamu abasobola okwogera mu nnimi, olwo buli omu n'aba nga alina kwogera mu nnimi. Bonna ne batwalirizibwa bwe bati, okutuusa lwe baafuuka (kiki?) ne boonoonebwa ebitagambika n'emyoyo egisendasenda, nga gisendasenda abantu eri okwolesa okukyamuukirira kuno naye nga mu kwo temuli Katonda n'akatono. Bwe bamala ne bafuluma ne batambulira mu bulamu obw'engeri yonna bwe baagala okutambuliramu, bwe bava awo ekyo ne bakiyita "Obukristaayo."

94 Nga ensi etuula erudda nga eraba eby'engeri eyo nga bigenda mu maaso, nga egamba nti, "Naye, kati ggwe naawe batunuulire! Tebalina kye bansinga."

95 Nga bwe nnayogera ekiro kya luli ku mbizzi, ku mwonoonyi. Toyinza kunenya . . . Omwonoonyi aba mwonoonyi. Togezaako kumuddaabulula kukyusa nneeyisa ye. Togezaako kumugamba *kino, ekyo,* oba *kiri*. Ye mwonoonyi, okusooka kwa byonna. Ye mbizzi, okusooka kwa byonna. Tamanyi njawulo. Bw'agenda

okulaba firimu, n'agenda ku Ssande, n'agenda mu mizannyo gy'omupiira, n'akola ebintu bino byonna, mwonoonyi, okusooka kwa byonna. Obutonde bwe bulinga bwa mbizzi. Embizzi ejja kufuukuula n'ennyindo yaayo mu ntuumu y'obusa erondemu empeke zonna ezirimu ezirye, na buli kimu; kati, eyo, mbizzi. Toyinza kuginenya. Mbizzi. N'aboonoonyi bwe batyo bwe bali. Naye ggwe bw'ogenda nga ate weeyita Mukristaayo, naawe n'ofuukuuza n'ennyindo yo wamu naye, obeera tolina ky'omusinga, wabula, oba bubi nnyo n'okumusinga. Bifulumemu. Eby'ensi bireke. Bireke. Wa Katonda enkizo. Bireke.

96 Obireka otya? Abantu bangi nnyo leero beebuuza, bagamba nti, "Naye, Ow'oluganda Branham, obireka otya?" Ekyo mmanyi mukiwuliddeko enjigiriza z'ekinnaddiini nyingi nnyo ekikwata ku, "kubyesonyiwa." Abantu bangi beekaniikirira okutuusa lwe battulukuka entuuyo, nga bagezaako okubita. Abantu bangi ajja n'akugamba nti, "Mbadde ŋŋenda mu kusiiba kwa nnaku amakumi ana nsobole okubaako ne kye nkola." Teweetaaga kusiiba kwa nnaku makumi ana. Weetaaga kuleka bulesi nsi n'ebintu bino byonna ebya ssetaani, n'otwala Ekigambo kya Katonda mu mutima gwo. Ekyo olina okuyigirizibwa engeri ey'okukikolamu. Tokikola kuyita mu kubuukabuuka, newankubadde okukikola okuyita mu kuyingira mu kusiiba okw'ennaku amakumi ana. Okikola kuyita mu mutima ogwewereddeyo ddala eri Katonda Omuyinza w'ebintu byonna.

97 Kiringa omwana omuwere. Nnalengedde omwana wange omuto emabega wali, nga nnyina agezaako okumwambaza ka jaketi, ku makya ga leero. Yabadde agezaako okuyingiza akakono ke mu mukono gwa jaketi. Naye nga omukono gwe tasobola kuguyingizaamu; tamanyi ngeri ya kuguyingizaamu. Akakono ke ggwe alina okukayingizaamu. Ye abeera ayagala okuguyingizaamu, naye abeera aguzza buzza eno n'eri. Taguyingiza mu kituli kya mukono gwa jaketi. Era abeera akimanyi nti teguyingiddeemu.

98 Naawe bw'otyo obeera okimanyi nti toteredde ne Katonda, bw'obeera okyageya, okyalimba, okyakola buli kimu. Tosobola kutereera ne Katonda, sifaayo kkanisa mmeka ze weegattako, okutuusa nga emmeeme yo ekyusiddwa. Ow'oluganda, ekyo kya nkola nkadde, naye ekyo kijja kubugujja munda mu ggwe era kikuleetemu okuwona mu mmeeme yo. Ddala!

99 Agezaako okuyingizaamu omukono gwe, walina okubaawo omuntu amuyamba okuyingizaamu omukono gwe munda, n'amulaga engeri y'okuyingizaamu omukono gwe munda muli. Oluvannyuma omukono gwe bwe gumala okuyingira munda mu mukono gw'akajaketi ke, akitegeera nti kati guyingidde.

100 Bwe kityo bwe kiri eri buli Mukristaayo eyazaalibwa omulundi ogw'okubiri. Bwe kibaawo n'ayingira ddala mu Katonda, yekkaanya obulamu bwe nga bw'abugeraageranya n'Ekigambo kya Katonda era n'akitegeera nti bukwatagana na buli kitundu kya Kyo. Abeera alina obugumiikiriza obutakeŋŋentererwa, obukkakkamu, obusirise, obuwombeefu, amaanyi, okukkiriza, okwagala, essanyu, emirembe. Tayuuzibwayuuzibwa eno n'eri nga nnyanja eriko muyaga. Teyeraliikirira buli kasonga akatono. Tayuuzibwayuuzibwa *eno n'eri,* nga kasaanikira ka ccupa akali ku nnyanja eriko omuyaga. Abeera mutebenkevu. Nga omutima gwe mulongoofu. Ebirowoozo bye birongoofu. Ebigendererwa bye birongoofu. Ekiruubirirwa kye ekiddako kirungi. Era abeera akimanyi nti ateredde n'Ekigambo kya Katonda. Ggeyeena yonna tesobola kumusiguukulula. Abeera ateredde n'Ekigambo kya Katonda. Abeera alina okwagala okw'Obwakatonda, n'obulongoofu mu mutima gwe, eri buli musajja na buli mukazi. Abeera alina . . . Abeera yeewala ebintu by'ensi, nga by'afa gy'ali; takyabiyaayaanira. Ddala, omuwala eyajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu tewali kintu kyonna ky'osobola kumuwa kwambala ngoye ezo ezitaweesa Katonda kitiibwa n'afuluma nga azambadde. Nedda, ssebo.

101 Kati, tekyetaagisa kugenda kumugamba nti mukyamu, kubanga tajja kukukkiriza, kubanga ekyo kyokka ky'amanyi. Eryo lye ssanyu lye. Naye omukazi n'ayambala obuntuntu obw'engeri eyo; n'afuluma, akawungeezi, mu kiseera abasajja we baddirayo eka; omusajja w'akomerawo bw'afuluma asobole okusaawa oluggya, alyoke . . . Ekyo nga oŋŋamba nti kisaana? Nnyabo, ssitegeeza kugamba nti oli—olimu ssetaani. Sigenderera kugamba nti oli mwonoonefu. Naye olemeddwa okukitegeera, mwannyinaze, nti wawambibwa omwoyo omubi. Kati kiki ekikuleetera okukikola? Olina amagezi agamala okukitegeera nti ennyambala eyo tekulabisa bulungi. Eyongera kukulabisa bubi. Waliwo omwoyo omubi.

102 Oyinza okuŋŋamba nti, "Nze? Nze nno, nnateranga okugenda mu kkanisa!" Ne Nebukadduneeza yali musajja wa kitalo. Naye, kubanga yafuna amalala, Katonda yamuwa omwoyo gw'ente ennume, n'amuleka alye omuddo okumala emyaka musanvu, n'enjala ze ne zikula ne ziba nga ez'abamu ku bakazi bano wano bwe bakuza ezaabwe. Ekyo kituufu. Yawambibwa dayimooni.

103 Omusajja yawambibwa dayimooni ne yeeyambula engoye. Nga tebasobola kumwambaza ngoye. Mulaba kye ntegeeza? Myoyo egisendasenda.

104 Ekkanisa yo yekkiriranya nagyo. Omubuulizi wo atya okubaako ekintu kyonna ky'agyogerako, atya nti tojja kuddamu kusasula kimu kya kkumi. Eyo y'ensonga. Ogwo gwe mutawaana. Ye, bannange! Ddala onaabuulira otya

eri ekibinja ky'ensega, okuggyako nga osoose kuzikyusa ne zikyusibwa ne zitereera ne Katonda, okusooka? Buli kaseera bajja kuba mu kufuukuula mu bintu ebifu. Kye weetaaga kwe kufulumya buli kacica yenna, wamu n'okudda obuggya okw'enkola enkadde okubuna okuva ku lubalama okutuuka ku lubalama, ofune abasajja n'abakazi abateredde ne Katonda. Weetakkuluzeeko, ebintu by'ensi obireke! Weetakkuluzeeko, okubuulira okugonvu okw'okubembeekereza. Amiina. Buulira Enjiri. Katonda bw'atyo bwe yayogera. "Bwe mwagala ensi, oba ebintu by'ensi, okwagala kwa Katonda mu mmwe n'okubaamu kuba tekuliimu."

105 Abantu basobola okubuukabuuka, ne baleekaana ekiro kyonna, ne boogera ennimi ne kiwulikika nga ayiwa kawo ku ddiba ly'ente ekkalu; naye bwe bava awo ne bafuluma, enkeera ku makya, nga balina obusungu obusobola n'okulwanyisa omusumeeno ogw'amasannyalaze ku maanyi gaagwo, ne boogera ekintu mu kkanisa ekinaaleetera ekkanisa yonna okwekutulakutulamu. Ekyo si kirala kyonna wabula myoyo egisendasenda, mizimu! Twagala kukomawo ku Kigambo, Katonda w'abeerera nga bulongoofu, butukuvu. Amiina. Ekyo kituufu. Emyoyo egisendasenda nga gisindana n'Ekigambo kya Katonda!

106 Wano waaliwo omusajja, ebbanga ttono eryakayita, yafuna omukazi omuto. . . Abakatoliki babalina bwe batyo abawerako mu makkati gaabwe. Omukazi oyo bwe yalekera awo okugenda mu nsonga z'ekikyala, omusaayi kati gumuva mu ngalo ne mu kyenyi. Singa omubuulizi omulungi ow'Omwoyo Omutukuvu. . . Muli nnalowoozaamu. Omusajja oyo yalina eccupa eyabangamu omusaayi ogwo, ogwavanga mu ngalo z'omukazi oyo, nga agenda atambula nagwo bw'agusiiga abantu. Whew! Otusaasire! Oyo mulabe wa Kristo! Sifaayo oba omukazi oyo omusaayi gumuva mu nnyindo oba mu mutwe, oba wa, ow'oluganda, tewali musaayi gulitwala kifo kya Yesu Kristo Omwana wa Katonda. Ogwo gwe Musaayi gwokka gwe mmanyi ebigukwatako. Omukazi oyo yandiba nga yali avaamu amafuta mu mukono ogumu, n'enviinyo mu mulala, naye, bw'obaako engeri yonna ey'okusinza gy'obikozesaamu, okwo kuba kusamirira mizimu. Naye n'olaba engeri ababuulizi gye batwalirizibwa mu kintu eky'engeri eyo!

107 Kye twetaaga, kwe kukomawo ku Kitabo Ekituluŋŋamya, kukomawo ku Kigambo kya Katonda! Kino kye Kigambo kya Katonda, Bayibuli ey'edda ey'omukisa. Oyinza okuŋŋamba nti, "Naye, nga ntya okufuuka ekyo, Ow'oluganda Branham. Ntya nti essanyu lyange lijja kunvaako." Oliko kikyamu ki? Tomanyi na ssanyu kye litegeeza.

108 Ŋŋambye nti sisalira mutamiivu musango lwa kugenda n'atamiira. Yenna abeera asobeddwa. Nga tamanyi kya kukola. Azuukuka, ku makya, nga yenna yennyamidde, nga teyeetegeera

olw'omwenge gwe yanywedde eggulolimu. N'agenda ne yeefunirayo eccupa za bbiya nga bbiri oba ssatu, n'agenda n'afunayo nga ka wisiki, n'ebintu eby'engeri eyo.

N'akwata ne k'afuuweeteramu sigala n'atuula erudda n'afuuwa ssigala, n'amufuuwa nga omukka bw'aguyisa mu nnyindo nga gy'oli nti ggaali ya mukka ey'emigugu. Bw'atyo bw'ali. Simunenya; eryo ly'essanyu lyokka ly'amanyi. Ekyo kye kyokka ky'ategeera. Mu butonde bwe, mbizzi.

109 Oswadde ggwe eyeeyita Omukristaayo ate ne weesigama ku bintu eby'engeri eyo okukuwa essanyu, nga Enjiri ey'Omwoyo Omutukuvu si kirala wabula nsibuko ya ssanyu ennene ey'ekitalo. Enjiri ey'Omwoyo Omutukuvu kye kitamiiza ekituufu eri buli muntu yenna eyennyamidde. Ojja kunywa ku Njiri ya Yesu Kristo, ojjuzibwe Omwoyo Omutukuvu, otamiire okutuusa lw'oliva mu nsi eno, amiina, essanyu eritalojjeka erijjudde ekitiibwa. Wabeerawo okusiikuulwa buli kiseera. Kitamiiza ekya buli kiseera, nga otamidde emisana n'ekiro! Amiina. Ekyo Kigambo kya Katonda.

110 Naye ekkanisa ate ekuba enkyukira, ne babaako n'ekintu ekirala kye bakoppa. Ne bategekayo akabaga bonna we bagendera ku lubalama lw'ennyanja, okwesanyusaamu. Ne babaako n'akabaga k'okuzannya matatu okutabagana, ne babeera n'ako mu kifo ky'okussa ekimu. Bwe kiri. Ne bategekayo endongo, oluusi, mu maka g'omu ku bammemba, oluusi mu mwaliiro gw'ekizimbe ky'ekkanisa ogusembayo wansi. Endongo, nga bakopperera, bagezaako okubaako ne kye bafuna ekinaabamatiza. Kiva ku ki? Kibinja bubinja, eky'embizzi ekinene kye bali. Mbizzi, n'okusooka kwa byonna. Singa baali baasisinkana Kristo, bandibadde n'essanyu ejjitirivu, okutuusa nti ebintu ebyo byandibadde bifu nnyo n'okusinga ettumbi, gye bali. Enjiri, nga otamidde Omwoyo, essanyu eritalojjeka erijjudde ekitiibwa.

111 Tosalira mwonoonyi musango; musaasire busaasizi. Muleke agende mu maaso n'okunywa taaba we, muleke yeenywere omwenge gwe, muleke akole akabaga ke ak'okuzannya matatu. Mu ebyo mw'ajja essanyu. Tomunenya. Bw'akomawo ewaka n'ebintu ebirala ebiba bimutuuseeko, adda akooye nga yenna ayenjebuse, abeera yeetaagayo ekintu ekinaamuwa essanyu. Ggwe ky'olina okukola kwe kutambulira ddala mu bulamu bwennyini obw'okutya Katonda omuleetere okukakasa nti Enjiri ewooma emirundi mutwalo mulamba okusinga ebyo, by'anyumirwa. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Era nti singa afiira mu mbeera eyo, ajja kugenda mu ggeyeena, olw'omwenge ogwo gw'anywa. Ekyo kitamiiza kya ssetaani. Bw'afa, nga obwesige bwe buli mu mmindi eyo, Katonda ye Mulamuzi we. Bw'afa, nga akyagenda, mu ndongo, n'okugenda nga amaanyuuka ayambadde engoye ez'obugwenyufu, Katonda ye Mulamuzi we.

112 Naye waliwo ekintu kimu, bw'ofiira wansi w'amafuta ag'Amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu, nga Suteefano bwe yafa bwe yeekaliriza waggulu mu maaso ga Katonda, n'agamba nti, "Ndaba Eggulu nga libikkuse, ne Yesu nga ayimiridde ku mukono ogwa ddyo," obeera oyolekedde Eggulu, nga ekinyonyi bwe kiba kyolekedde ekisu kyakyo. Amiina.

113 Emyoyo egisendasenda nga gisindana n'Ekigambo kya Katonda! Bite, byetakkuluzeeko. "Obyetakkuluzaako otya, Ow'oluganda Branham?" Bireke bulesi. Ky'ekyo kyokka ky'olina okukola. Twala Ekigambo kya Katonda. Togezaako kubaako kintu kyonna ky'okaniikirira. Tofukamira ku wolutaali n'otandika kugikuba, nga bw'oleekaana nti, "Ayi Katonda, mpa Omwoyo Omutukuvu! Mukama, mpa Omwoyo Omutukuvu!" Tajja kujja, lwa kubanga okubye wolutaali. Ekyo tekirina kalungi konna ke kikola. Nedda. Eyo si y'engeri gy'Ajjamu. Ajja kuyita, mu kumutwala nga Ekigambo Kye bwe kigamba!

114 Tunuulira Peetero. Peetero yali mu buzibu, nga alabika nga agenda okufa. Yalaba Mukama waffe nga ajja, atambulira ku mazzi. N'amugamba nti, "Mukama wange, bw'oba ye Ggwe, ndagira nzije."

Mukama waffe n'amugamba nti, "Jangu."

115 Kati Peetero yamugambako nti, "Naye sooka olindeko katono, Mukama wange, leka nsooke mmale okuyingira mu kisiibo kya nnaku amakumi ana, ndabe oba nsobola okutambulira ku mazzi ago, oba nedda. Ayi Mukama wange, leka nsooke mmale okukkibwako Omwoyo amala, nzinire mu Mwoyo njogere ne mu nnimi, nga ndi mu lyato lino, olwo nnaasitula ekigere okuva mu lyato"? Nedda, ssebo! Yatwala Katonda nga Ekigambo Kye bwe kyali, n'ata byonna n'abyetakkuluzaako. Katonda n'amuyisaamu.

116 Watya ssinga Katonda yasisinkana Musa, n'Amugamba nti, "Musa, genda e Misiri, ogambe Falaawo nti, 'Leka abantu Bange bagende'"? Watya singa Musa yagamba nti, "Leka nnyingire mu kusiiba kwa nnaku amakumi ana, okusooka, ndabe oba nga nnina okukkiriza okumala okukugondera, Katonda. Baako ne ky'ompa, ekintu ekimu oba ekirala, Mukama. Ka nkubuulire, leka ndabe oba nyingidde mu Mwoyo, okusooka"? Musa teyadda mu kubuuza bibuuzo, yakkiriza bukkiriza Katonda nga Ekigambo Kye bwe kyali, n'asitula n'agenda. Olina kukikola bw'otyo, twala Katonda nga Ekigambo Kye bwe kigamba. Awo ojja kukitegeera nti ojja kusobola okukikola. Teyalinda kutuusa nga waliwo ekintu ekirala ekibaddewo, yagenda bugenzi mu maaso n'akikola.

117 Ate Eriya bwe yakka okuva ku Lusozi Kalumeeri, waggulu eri gye yali amaze ebbanga eddene? N'asisinkana omukazi omwavu nnamwandu. Eyali. . . Eyali omugwiira, Munnaggwanga. Era we yamusisinkanira emmanga eyo,

yali alondalonda nku, awo mu luggya. Ate Katonda ye yali amugambye nti, "Serengeta ogende mu nnyumba y'omukazi oyo nnamwandu." Nga kifo ekyewuunyisa eri omubuulizi okugendamu!

118 Wuuyo n'aserengeta n'agenda ewa nnamwandu. Era bwe yatuukawo, yamusanga akutte enku bbiri. N'amubuuza nti, "Okola ki?"

119 N'addamu nti, "Nsennya nku. Nsigazizzaamu olubatu lw'obutta butono ddala obw'okufumbamu obugaati. Bwe bwokka bwe nsigazizzaawo. Emyaka kati giri esatu kasookedde nkuba erekera awo okutonnya." N'agamba nti, "Kale ŋŋenda kufumba bugaati buno. Olwo nze n'omwana wange tubulye, tufe."

120 Ye n'amugamba nti, "Nfumbiraayo akagaati, okusooka!" Aleeruuya! O, mmanyi nga nneeyisaamukko nga omulalu, naye, kasita ndi ku ludda lwa Mukama. Yagamba nti, "Nfumbiraayo akagaati, okusooka. Kubanga, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA." Kiikyo.

121 Kitegeeza ki? "Musooke munoonye Obwakababa bwa Katonda, n'obutuukirivu Bwe." Si Obwakababa bwa Katonda ne "okuleekaana okutonotono," si Obwakababa bwa Katonda ne "okukyamuukirira okutonotono," si Obwakababa bwa Katonda ne "*kano* ne *kali*." Naye, "Katonda, n'obutuukirivu Bwe, n'ebirala bino byonna binaakwongerwako." Ky'oba okulembeza!

122 Kati, nnamwandu oyo ekyo yakiwulira. "Okukkiriza kujja nga kuyita mu kuwulira, okuwulira Ekigambo." Yagamba nti, "Ekyo kye Kigambo kya Mukama, kubanga oyo musajja mutukuvu wa Katonda. Oyo nnabbi wa Katonda, era nkimanyi nti ago ge Mazima. Era ekyo kye Kigambo kya Katonda."

123 Kati, teyadduka n'agenda kwebuuza ku baliraanwa ngeri ki gy'alina okukikolamu. Yali tayagala kugenda kukigabana . . . na kunyumiza baliraanwa, kubeebuzaako nti, "Kati, mulowooza ki? Omubuulizi azze ewange, agambye *bwati*. Susie, *kino* okirowoozaako ki?"

124 Yayingira buyingizi mu nnyumba, n'afukumula obwalimu bwonna. Yeeta. Yawaayo bye yalina, asobole okufuna ebisingawo. Ekyo ensi kye yeetaaga leero, kwe kwetakkuluzaako ddala kuli okw'enkola enkadde okwa byonna by'olina. Aleeruuya! Yakaliza byonna bye yalina, asobole okujjuzibwa. Yakaliza amafuta gonna ge yalina, n'amafuta gonna ge yalina n'obutta bwonna bwe yalina, ku lw'omubuulizi, ku lw'Obwakababa bwa Katonda. Era nnamwandu olwali okubikozesa ne biggwaamu byonna, Katonda n'akka wansi, n'ajjuza eppipa y'obutta, n'ajjuza n'akasumbi k'amafuta. Nnamwandu n'addamu nate, n'abijjuza ku ssowaani y'omubuulizi. Era n'Akomawo, n'addamu n'abijjuza.

Yabijjuzanga. Buli mulundi nnamwandu lwe yakalizanga, nga Abijjuza.

125 Leka njogere, leero, nti singa omuntu anaafukumula ebitaliimu nsa bino byonna, n'okugeegeenya obugeegeenya Obukristaayo, n'aganya Omwoyo Omutukuvu n'atwala ekifo Kye, wajja kubaawo okudda obuggya okutandikawo ku luguudo lwa Eighth ne Penn Street okunaasaasaanira eggwanga lyonna. Leka obusirusiru. Ddayo ku Kigambo kya Katonda. Fukumula weggyemu buli kimu, osobole okujjuzibwa. Ggwe bite, ne Katonda anaasumulula. Weekalize, Katonda anajjuzaamu. Obuntu obutonotono obwo bwonna, obw'okugamba nga, "Bw'olina okukola *kino,* era olina n'okukola *ekyo;* olina n'okukola *kino* olina n'okukola *kiri*." Ebyo byerabire! Biggye mu mmeeme yo!

126 Gamba nti, "Ayi Katonda, nzikiriza, okuva . . . olunaku luno, mbeere Wuwo mu bujjuvu. Mukama, nzize n'omutima ogumenyese. Nzize n'omwoyo ogubooneredde. Nkwagala. Omanyi nga nkwagala. Era njagala kwerabira obusirusiru buno bwonna obw'okusiiba ennaku amakumi ana okulaba oba nga nsobola okusemberera Katonda, ne *bino, na biri,* na *biri,* bino byonna ebitaliimu."

127 Bikomye! Mu Kigambo temuliimu kintu kyonna kikugamba kusiiba nnaku makumi ana. Temuli n'ekimu. Tewali kintu mu nsi kikugamba kusiiba, okuggyako nga Katonda y'akugambye. Bw'onaasiiba, tojja na kulumwa njala, na kuyita mu bintu ebirala bino byonna. Nga oli mu kusiiba okwo, ow'oluganda, ojja kubeera ojjudde essanyu era nga oli musanyufu ekiseera kyonna. Yagamba nti, "'Temubeeranga nga bannanfuusi mu maaso g'abantu, ababeera n'amaaso agajjudde ennaku, n'obwenyi obunakuwavu. 'Ndi mu kisiibo kya nnaku amakumi ana. Engoye zange zigenda kuba tezikyantuuka. Nsaze kiro kkumi na nnya, era baŋŋambye nti kati ndabika bulungi oluvannyuma lw'okusiiba kuno.'" O, obwo butaliimu! Egyo myoyo gya ssetaani egisendasenda.

128 Mbu genda ku wolutaali, oddiŋŋane nti "ekitiibwa, ekitiibwa, ekitiibwa" okutuusa lw'onaaba nga tokyasobola kwogera kintu kirala kyonna, nga bakugamba mbu, "Olina okwogera mu nnimi nga tonnafuna Mwoyo Mutukuvu." Obwo butaliimu! Bikasuke eri!

129 Biggye mu nkola yo ojje nga osinziira ku Kigambo kya Katonda! Yagamba nti, "Mwenenye, buli muntu mu mmwe, mubatizibwe mu Linya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi byammwe, era munaafuna ekirabo nga gwe Mwoyo Omutukuvu." Katonda bw'atatuukiriza Kigambo Kye, Aba si Katonda. Amiina. Weekalize weggyemu byonna. Ojjuzibwe. Amiina. Whew! Ekyo nkyagala. Ekyo kye Kigambo Kye. Katonda bw'atyo bwe yayogera. Bwe kiri. Era Katonda bw'aba

yakyogera, Katonda ajja kukituukiriza. Kale. Enteekateeka zonna z'okola, okugenda mu kkanisa kwonna kw'osobola okukola . . .

130 Kiringa emmanga wano we bakolera ebyana by'eggaali y'omukka we bazimbira ebyana by'eggaali y'omukka eby'emigugu, manya, ebyana by'eggaali y'omukka eby'abasaabaze. Nnakolerangayo. Era baddiranga ne bazimba ebyana ebyo ebinene na buli kimu, ne babiteekamu emiti emigumu, munda ne baaliriramu embawo za mawogani mwonna, nga buli kimu kirabika bulungi nnyo, ne bakiteeka awo ku luguudo lw'eggaali y'omukka, naye ne kibeera awo nga kifu kya jjo nga omusumaali gw'omu luggi. Nga yingini mw'eri, naye tevaamu mukka yadde. Nga kiri bubeezi awo.

131 Kye yeetaaga leero kwe kukoleezebwamu omuliro wansi mu kyoto. Kye yeetaaga leero gwe mukka. Kye yeetaaga leero, ekkanisa, okusobola okutokota; ekintu ekisingayo okwokya ekisobola okwokya ekibi okuva mu bulamu bwo, kwe kwagala. Kati bwe muba temusobola kwagalana, munaayagala mutya Katonda Oyo gwe mutalabangako? Okwagala kukweka enkuyanja y'ebibi. Mwagale Katonda, olwo mujja kwagalana, mujja kwagala ekkanisa, mujja kwagala Ensonga, mujja kwagala buli kimu ekikwata ku kutya Katonda, era mujja kwewala ebintu by'ensi.

132 Emyoyo egisendasenda nga gigenda gitambulatambula eno n'eri nga gigamba abantu *kino, ekyo,* oba *ekirala mbu,* "Balina okukola *kino*. Balina okukola *kiri*." Kivudde ku kuba nti wasibuseewo amadiini, ne gabaako okubikkulirwa okutonotono kwe gafuna ne bagamba nti, "Kale, kati, nzikiriza nti omuntu . . . Nzikiririza mu kintu nga eky'okuleekaana nti kiri mu Bayibuli." Ekyo kituufu. Ago mazima. Naye ekyo ne bakikolamu eddiini ne bagamba nti, "Bw'oleekaana, olwo nga ofunye Omwoyo." Naye obeera tonnaba.

133 Ne wasibukayo endala, n'egamba nti, "Okwogera mu nnimi." Ekyo kituufu. Ekyo kiri mu Bayibuli. "Kati, bw'oyogera mu nnimi, kitegeeza obeera ofunye Omwoyo." Naye bangi ku bo baayogera mu nnimi naye era nga tebamulina. Mukiraba? Ebyo si ye Ye. Nedda, ssebo.

Bangi ku bo baagamba mbu, "Kati, tulina okulagula."

134 Mulabe bannabbi bano wano nga bambadde amayembe ku mitwe gyabwe, babuukabuuka bwe beetooloola bwe balagula. Mikaaya n'abagamba nti, "Mmwe, mwenna, mulimba." Amiina. Kituufu. Katonda tajja mu ngeri eyo. Katonda ajja eri mutima omwesimbu ogujja n'omwoyo ogubooneredde, ogumenyese. "Oyo agenda, nga asiga mu maziga, awatali kubuusabuusa alidda nate nga ajaganya, nga aleeta ebinywa eby'omuwendo." Amiina. Ekyo kitegeere bulungi, mukwano gwange.

135 Waliwo okukola kw'emizimu kuyitirivu obungi, emizimu nga gikolera mu mmeeme z'abantu! Wekkaanye emmeeme eyo bibala ki by'ebala. Wekkaanye bulamu bwa ngeri ki omuntu bw'atambuliramu. Weetegereze bwe yeeyisa, weetegereze by'akola, tunuulira ebigendererwa bye. Kyenkana n'okusoboka tekisoboka . . . Kati singa mbagamba nti, "Engeri yokka . . . Wano waliwo emmotoka, ziizino zonna zisimbiddwa wano. Eggulu liri mu kibuga Charlestown. Naye tosobola kutambula kugendayo. Engeri yokka gy'osobola okugendayo, olina kukozesa mmotoka. Era buli muntu anaabuuka omusittale ateekwa okuleeta liita kkumi na mwenda ez'amafuta." Ono emmotoka ye yiino wano, naye bw'aba talina mafuta tasobola kugisimbula. Kati nno, n'ekkubo erigenda mu Ggulu, bwe lityo bwe liri ddala. Singa ofa nga tolina Katonda, sifaayo bulamu bufaanana butya bw'obaddemu na mmotoka mmeka ze wakola, okwagala kwa Katonda bwe kutabaawo kukusika kukuyingiza mu Bwakabaka bwa Katonda, obeera obuze.

136 Waliwo waya ey'omuliro n'etali ya muliro. Waya eno ey'omuliro k'ebeere nga erimu amasannyalaze agenkana wa, bwe kutabaako waya ya mu ttaka, balubu teryaka. Ekyo kituufu. Oteekwa okusimba emmizi, n'onywezebwa mu buziba mu kwagala kwa Katonda. O, ow'oluganda! Waya ezo zombiriri ey'omuliro n'etali ya muliro zigatte wamu, ojja kufuna Ekitangaala, Ekitangaala ky'Enjiri kiri eky'enkola enkadde. Leka Kisaasaane wonna okuva ku lubalama okutuuka ku lubalama. Ekitangaala ekyo tolikifuna nga tokulina. Si nsonga kukankana na kubuukabuuka kwenkana wa kw'osobola okukola nga olina waya ey'omuliro, olina okuba ne waya ey'omu ttaka okusobola okufulumya Ekitangaala. Amiina.

137 Wali wekkaanyizza? Oteeka wano eno waya ey'omu ttaka ku kino, era amasannyalaze gonna ne gagenda butereevu muno mwe gakendeezebwa mwe gasinziira okusaasaanyizibwa, ne gasaasaanyizibwa gye gakozesebwa. Na buli mulundi omuntu lw'asimba emmizi n'anywezebwa buziba mu Kigambo kya Katonda, ekyo kimuleetera okunywezebwa n'asimba emmizi mu Kalivaariyo, eyo, essika, enkondo ya Katonda enyweza byonna gye yaleetebwa, okwakisa Ekitangaala ky'Enjiri. Amiina.

138 Obuzibu mumanyi we buva? Buva ku bantu bano abali mu mawanika g'abafu gano amanene agajjuddemu obunnyogovu ag'emikolo obukolo, abeefuula ababuulira Enjiri. Waliwo omubuulizi omuto eyazze gyendi olunaku lw'eggulo, nga ava mu kimu ku bibiina by'eddiini ebisingayo obunene mu ggwanga leero, ekitali Bukatuliki. N'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, nneetamiddwa era nkooye." N'agamba nti, "Ababuulizi ffenna bagenda kutuwaliriza okwambala amaganduula n'okwambala ebitogi eby'ekitundu, era—era wabeewo n'ebintu ebimu bye tuteekwa okuba nti bye tubuulira. Era bajja kuba batusalirawo bye tuteekwa okubuulirako, buli

myezi esatu." N'agamba nti, "Sikyasobola kukigumiikiriza." N'ambuuza nti, "Nkole ki? Kati ntandike okubuulira Enjiri?"

139 Ne mmugamba nti, "Ow'oluganda, kasita obeera nga okyali n'ekibiina ky'eddiini ekyo, kisseemu ekitiibwa. Yogera ekyo kyennyini kye baagala oyogere. Naye genda eri omulabirizi wo oba omukulembeze wo atwala essaza, omugambe nti, 'Ssebo, nnazaaliddwa omulundi ogw'okubiri n'Omwoyo wa Katonda. Ekigambo kya Katonda kiikino kigamba bwe kiti. Ekyo bw'oba onanzikiriza okukibuulira, nja kusigala mu kkanisa yo. Bw'oba tonzikirize, ŋŋenze. Funayo omuntu omulala gw'oba ogikwasa.'" Eyo y'engeri y'okukikolamu. Tewetiiririra. Tewekwekerera. Vvaayo oyogere ekintu nga bwe kiri. Kituufu.

140 N'ambuuza nti, "Ow'oluganda Branham, olowooza nnaafuna abantu abampuliriza?"

141 Ne mmugamba nti, "Awali Ennyama ensu, Empungu we zijja okukuŋŋaanira." Ddala bwe kiri, ojja kufuna abagoberezi.

142 Nga omusajja, lumu, eyayaluza enkoko. Kati, kino si kya kubasesa. Sikyogera kubasesa. Nkyogera kubaako na nsonga gye nnambulula. Yali ayagala kwaluza nkoko ze, naye nga talina magi gamala. Kye yava ateekayo eggi ly'embaata limu mu g'enkoko. Kati gonna bwe gaayalulwa, embaata ye yali esingamu okufaanana obulala mu bintu byonna enkoko bye yali erabye. Kati enkoko yayitanga obwana bwayo era ne bujja, naye embaata yo bambi nga olwo olulimi terutegeera. Naye, lumu, enkoko bwonna yabukulembera n'ebutwala emabega w'ekiyumba ky'ebisolo. Emabega w'ekiyumba ky'ebisolo waaliwo ensulo. Akabaata ako olwali okuwunyiriza kati amazzi, kaafubutuka misinde ne kagenda keeyuna amazzi. Enkoko yakanda kuyita nti, "kuuku, kuuku, kuuku." Nga akabaata kaddamu kimu, "honk, honk, honk." Nga eno bwe koolekera amazzi. Lwaki? Mu butonde bwako, kaali kabaata. Bwe kaawunyiriza amazzi we gali, ow'oluganda, kaali tekasobola kukyebeera, kubanga kaali kabaata.

143 Era ŋŋamba olwa leero nti, abantu bonna ddala abaagala okuzuula Katonda, tebajja kukkiriza kkanisa n'emu kubasalirawo bintu bye batasobola kutambuliramu, *ekyo* oba *kiri*. Bw'oba olina obutonde bwa Katonda mu ggwe, ojja kugenda mu butukuvu. Ojja kugenda eri ekyo ekituufu. Ojja kuyimirira ku lw'ekyo ekituufu. Ojja kukola ekyo ekituufu. Ojja kulowooza ekyo ekituufu. Ojja kutambulira mu ekyo ekituufu. Bw'oba oli mbaata, ojja kwagala amazzi. Bw'oba oli Mukristaayo, ojja kwagala Kristo. Bw'oba oli ssetaani, ojja kwagala ebintu bya ssetaani. Bw'oba oli nsega, ojja kulya ebifudde. Bw'oba oli mbizzi, ojja kulya nnakavundira. Ogwa wa leero? Bwe kiri. Bw'ogamba nti oli waggulu eno, olya ku bintu bya Mukama waffe, ate n'okka wansi n'ofukula ne ssetaani. Wabaawo ekitali kituufu. Lekera awo okuwuliriza emyoyo egyo;

egyo mizimu. K'obeere nga olina kuyimirira wekka. Abasajja n'abakazi abaali bavuddemu ekintu kyonna eky'amakulu, kyenkana, babaddenga basajja n'abakazi abaayimirira bokka ne Katonda.

144 Laba Mikaaya, engeri gye yayimiriramu awo; teyayimirira nga lwazi lw'e Gibraltar, wabula yayimirira nga olwazi olw'Emirembe n'emirembe. Yagamba nti, "Sijja kwogera kintu kyonna . . . Sifaayo oba ettendekero ly'eby'eddiini lyogera ki. Sifaayo oba ekibiina kyange kyogera ki. Sifaayo oba kabaka ayogera ki. Oba bansalako omutwe, nja kwogera ekyo kyokka Katonda ky'ananteeka mu kamwa okwogera." Yali mutuufu. Yali mutuufu.

145 Ne leero, abasajja n'abakazi, temufaayo ku biki ensi by'ebeetegekedde kubakola, oba egenda kubatulugunya etya, oba kugema kwa kika ki kwe balina, nga bwe bagamba mbu, "Bwe weegatta ku kkanisa eno, tojja kubaako kabi konna." Okwo kugema kwa bulimba. Lwaki? Kubanga obulwadde bw'ekibi osigala okyabulina. Bwe kiri. Naye leka nkubuulireyo ekintu kimu, ow'oluganda, ekinaakugema ekibi, ekyo, kwe kujja eri Omusaayi gwa Mukama waffe Yesu Kristo ogw'omuwendo n'ojjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, era ekyo kijja kukugema eri ekibi kyonna, era okwegomba kwo kujja kuba kwa kugenda mu Ggulu, era tojja kuba na budde bwa bintu bya nsi.

Leka tusabe.

146 Kitaffe ow'omu Ggulu, bwe tulaba emyoyo gino egisendasenda nga giri ku bantu, era nga tumanyi nti banyooma ebintu bya Katonda, nkusaba, ayi Katonda, Weddize buli musajja na buli mukazi ali munda wano leero. Luno leka lubeere olunaku, ayi Mukama, lwe banaategeera nti obulamu bwabwe tebufaanagana na Kigambo. Era nti babadde bawuliriza kintu kikyamu, nti ssetaani abadde abasiisiitira ne zi magaziini ez'edda ezoogera ku Ebyo Ebyaliwo, n'ebivundu eby'edda eby'ensi, ne zi firimu ezitaliimu makulu ne ttivvi eziraga ebitali birongoofu. Ayi Katonda, ebintu ebifaanana obubi bwe bityo Omukristaayo by'atalina kutunuulira! Ayi Katonda, bitwesisiwaza. Wagamba nti byakwesisiwaza, nga ebisesemye. Wagamba nti, "Embwa eddidde ebisesemye byayo, ne—n'embizzi enaaziddwa ezzeeyo okwevulunga mu bitosi." Embwa ejja kubaako by'esesema. Ogenda n'olaba omuntu azaaliddwako ekitundu, nga bwe tuyinza okukiyita, munnanfuusi ajja ku wolutaali, n'abeera nga agenda okusesema ensi; naye ate nga akyali awo akyatambula nayo, oluvannyuma n'addayo n'alya ebintu bye bimu. Ayi Katonda, longoosa Ennyumba Yo, Mukama. Aleeruuya! Weereza Omwoyo Omutukuvu aleete okulumirizibwa kuli okwedda okw'amaanyi okunaalongoosa omuntu by'ayaayaanira okulya ne kulongoosa n'emmeeme ye, ne kumuyonja ne kumufuula ekitonde ekyolekedde Eggulu. Kumuwe . . . Kuzze buggya obuvubuka bwe n'obweyamo

bwe nga empungu, asobole okutumbiira waggulu asukke ebintu by'ensi eno, abuuke agende mu buziba eyo mu Ggulu gy'asobolera okulengerera wala emitawaana nga gijja. Kikole, ayi Mukama.

147 Bannabbi Bo wabageraageranya, ku mpungu ezo, abaalina eriiso ly'empungu, abaali basobola okutumbiira waggulu ddala ne balaba ebintu nga tebinnabaawo. Ayi Katonda, wa omukisa ekkanisa eno entono. Wa omukisa abantu bano abazze wano. Wa omukisa abagenyi abali mu makkati gaffe olwa leero. Era leka bakitegeere nti Obubaka buno tebulina muntu yenna gye bubadde bulagirizibwa nga ye omu, wabula bubadde okusingira ddala bugenda eri abo, ayi Mukama, abali mu bwetaavu obw'amaanyi; nga tumanyi nti lumu tuteekwa okuyimirira wamu mu musango gwa Katonda, era nga tumanyi nti tulivunaanibwa olw'okumanya Amazima ate ne tutagoogera. Kitaffe, nsaba Butwalibwe mu buli mutima. Mu Linnya lya Yesu.

148 Nga tukotese emitwe gyaffe okumala akaseera, ssimanyi oba nga waliwo omuntu yenna enkya ya leero agamba nti, "Ow'oluganda Branham, nneetamiddwa era nkooye obuntuntu buno obutonotono. Nnina obuntuntu obutonotono obunnemeddeko ebbanga lino lyonna. Bu—buli kaseera mbeera njogera ebitasaana. Mbeera—mbeera nkola ebintu bye sisaanye kukola, ate nga nkimanyi. Tebisaana kukolebwa Mukristaayo. Ssaagala kubikola; Katonda akimanyi ssaagala kubikola. Era ssaagala kuddamu kuwuliriza mwoyo ogwo omubi. Ekyo kye kintu ekinziyizza okugenda mu maaso mu bulamu bwange bwonna, kye kinziyizza okufuna okwagala n'eddembe ebya nnamaddala mu Kristo. Njagala onsabire, Ow'oluganda Branham, gu—gunveeko olwa leero." Osobola okuyimusa omukono gwo? Nga buli mutwe gukotekeddwa. Katonda abawe omukisa. O, bannange, emikono miyitirivu! Obuntuntu obutonotono obutaliimu, obuntu obutonotono obukuleetera okwogera oba okubaako obutakwatagana bw'otandikawo mu kkanisa, ne bukuleetera okubaako oludda kwe wekubiira bw'otyo. O, ekyo kya butatya Katonda. Okwo kusiga bukyayi mu baaluganda. Era ekyo tokikola. Tokyagala. Ekyo wamu n'obuntuntu obwo obutonotono obutaliimu nsa, nga obusungu n'ebirala, toyagala bikuziyize.

149 Gamba nti, "Ayi Katonda, ekintu ekyo sikyakyetaaga. Nkyetamiddwa era nkikooye. Ndi mwetegefu leero okukyetakkuluzaako. Nzija kaakano, ayi Mukama, era njagala okweyawula ku kweyagaliza kwange kwonna. Muganda wange bw'atampise bulungi, era nja kumusabira. Taata wange bw'atampise bulungi, era nja kumwagala. Mukyala wange bw'atampise bulungi, oba omwami wange, nja kukikwata, mu bwetoowaze, nkitwale mu maaso ga Katonda. Ayi Mukama, ntunula eri Bwakabaka Bwo bwokka. Ebirowoozo byange njagala birongoosebwe. Omutima gwange njagala

gujjule essanyu. Njagala ntambulenga, ebizibu ne bwe binanneetooloola ku buli ludda, njagala nnyimusenga emikono gyange waggulu nga omutima gwange mulongoofu mu maaso Go, ayi Mukama, nga mmanyi kino, nti lumu ndikusisinkana. Njagala obumanyirivu obw'ekika ekyo. Ayi Mukama, nfuula ekyo, okuva leero."

150 Osobola okuyimusa omukono gwo, bwe wabaawo omuntu yenna abadde tayimusizza mukono gwe. Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa. Mwannyinaffe, tuwe eddoboozi ly'oluyimba nga bwe tukotese emitwe gyaffe. Ddala okitegeeza kwenkana wa? Kati togeza n'ozannyira mu kaseera kano. Kano si kaseera ka kuzannya. Kano kaseera ka kufuniramu. Kano ke kaseera mw'oteekwa okumufunira. Jangu, weekamulemu byonna ebikulimu kaakano. Onaakikola? Jangu, oweeyo byonna by'olina eri Katonda. Omugambe nti, "Ayi Katonda, sirina kya maanyi kyendi. Ndi mukyala bukyala ow'awaka. Ssirina kya maanyi kye nnyinza kukola, Mukama, naye nso—nsobola okusoma Bayibuli Yo, nsobola okusaba buli lunaku. Nsobola okukasuka ebweru buli kasasiro yenna ali mu birowoozo byange. Ebintu ebyo byonna nsobola okubikasuka ebweru. Omusango gunsinga ku bintu bingi omubuulizi by'ayogedde enkya ya leero, n'olwekyo mbi—mbikasuka ebweru olwa leero. Sibyagala. Ayi Katonda, nzijuza n'okwagala. Nzijuza n'ekintu ekinandeetera okwagala omulabe wange asingayo obubi. Nkyetaagira ddala, ayi Mukama."

151 Nga mwannyinaffe bw'akuba oluyimba olwo wano, jangu ogira oyimiridde wano ku wolutaali, nga bwe tukuŋŋaana awamu tusabe. Kati ekyo bw'oba nga ddala okitegeeza, bw'oba nga ddala oli mwetegefu okukireka, togenda kuva ku wolutaali eno olwa leero nga ekyo okyakirina mu mutima gwo, singa ojja nga oli mwesimbu. N'ogamba nti, "Nzize mu maaso wano okuyimirira wano, okumala akaseera, Ow'oluganda Branham, weewaawo, nga bw'osaba nange, ku lwange." Nja—njagala ojje, osabe. Onajja kaakano? Nga emitwe gyammwe mugikotese, ani anaasituka n'ajja ku wolutaali, n'ayimirira wano ku wolutaali?

Tompitako, Ayi Omulokozi ow'ekisa,
Wulira okukaaba kwange okw'obwetowaze;
Nga bw'Okyalira abalala,
O, nange tompitako.

Mulokozi wange, Mulokozi wange,
Wulira okukaaba kwange okw'obwetowaze;
Nga bw'Okyalira abalala,
O, nange tompitako.

152 K'obeere nga obadde Mukristaayo okumala ebbanga eryenkana wa, naye nga okyalina emyoyo egyo emibi egyogera naawe, ne gikuleetera okubuubuuka, ne gikuleetera okubaako omuntu gw'oyogerako. Oli bw'ajja n'atandika okubaako omuntu

gw'ayogerako, omwegattako bwegassi era, ha, ne mugenda mu maaso ne mumwogerako. Ekyo kikyamu, ow'oluganda. Tokikola. Ekyo kijja kukomekkereza nga kikuziyizza okuyingira mu Nsi ensuubize. Bw'oba n'obuntuntu obwo obutonotono bw'otosaana kuba nabwo, bw'oba nga ddala okwagala kwa Katonda tekuli mu mutima gwo, t'obeere mukyala yennyini era musajja yennyini, n'otambula n'ojja mu maaso wano n'ogamba nti, "Ayi Katonda, ŋŋenda kukisuula wano wennyini, enkya ya leero, wano wennyini. ŋŋenda kusituka okuva ku wolutaali eno wano nga ndi muntu wa njawulo." Onajja?

153 Waliyo omwonoonyi atakkirizanga Yesu, nga okimanyi nti oli mwonoonyi, tomumanyi nga Omulokozi wo? Nga ogamba nti, "Ow'oluganda Branham, weewaawo, mbadde ndowooza nti nfuna essanyu erimmala. ŋŋenda mu ndongo n'obubagabaga n'ebintu ebyo byonna. Ndaba obutambi bwa vidiyo obukyamu. Era nso—nsoma obutabo obukyamu. Nsoma ebitabo ebibi ebirimu emboozi ez'obuseegu. Mpulira nnyumirwa okubisoma." Ow'oluganda, waliwo ekikyamu ekikuliko. Ebyo bye bikunyumira; labayo, leka ndabe omuntu by'asoma, leka ndabe by'alaba, mpulirize ennyimba z'awuliriza.

154 Luli, bwe nnali nzija mu mmotoka, waliwo eyassaako leediyo yange, nga kuliko omukutu ogwaliko ennyimba ez'obuseegu. Ne mmugamba nti, "Ekintu ekyo kigyeeko. Ebyo saagala kubiwuliriza." Myuziki ow'okwesuukunda owa boogie-woogie.

N'aŋŋamba nti, "Naye, nze binnyumira."

Ne mmugamba nti, "Obutonde obukulimu bukyamu. Oli mukyamu."

155 Bwe nnali erudda wano, ennaku ntono oluvannyuma lw'ekyo, waggulu ku lusozi manya ku kasozi, nga ndoba ebyennyanja, n'omuntu y'omu. Ebinyonyi byali biyimba. Nga endiisa bwe zikooka. Nga martingale bw'ebuuka waggulu mu bbanga, manya ennyonza, nga bw'etendereza. Ne ndeekaana ne ŋŋamba omulenzi oyo, ne mmugamba nti, "Labayo eno, muvubuka, ezo ze nnyimba ezinnyumira. Ebyo bireke biyimbe. Eyo ye leediyo yange. Katonda abisindika ne bijja binnyimbiramu nga ndi wano. Bikkakkanya emmeeme yange."

156 Bisingira ddala ebintuntu byammwe bino, ebyuma bino ebizannya ennyimba ebiyitibwa juke box bye mutumbula, ne bireekaana, n'otuuka ne weetamwa n'okuliira mu kifo eky'olukale. Eyo mmere ya ssetaani. Nnyumba ya ssetaani, yonna ejjudde ekibi. Ky'ogamba obeera eyo n'otega amatu nga onyumirwa ebyo? Ebyuma ebikuba ennyimba bwe babiteekamu ssente ne bitandika okuzannya ebiyimba ebyo ebicaafu, ky'ogamba bikunyumira? Kale oswadde. Wagwa. Oli wala ne Katonda. Tomanyi Katonda. Singa obadde omanyi Katonda, mu kusonyiyibwa kw'ebibi byo, tewandiwulirizza kacica nga oyo. Yandibadde mufu gy'oli. Ya—yandikuleetedde okusesema singa

omuwuliriza. Tewandimwagadde. By'owoomerwa byandibadde bisingako awo. Wandibadde oyagala Katonda. Tojje enkya ya leero, n'ofukamira wansi wano na bano abazze okwenenya enkya ya leero?

157 Wano eno wafukamiddewo abasajja n'abakazi, ababadde Abakristaayo okumala emyaka n'emyaka. Sibaggyaako bukristaayo bwabwe. Naye kye ngezaako okukola kwe kubagamba nti ssetaani, abakijjanya, abaziyizza okuyingira mu Ssanyu erijjuvu. Omwoyo Omutukuvu Ssanyu. Ow'oluganda, nzuukuka ntamidde, okwebaka nneebaka ntamidde, mbeera ntamidde olunaku lwonna, mbeera ntamidde ekiro kyonna. O, mpulira njagala—njagala nnyo oku. . . Bwe ŋŋenda okuloba ebyennyanja, ŋŋenda na kimu nti, "Tompitako, Ayi Omulokozi ow'ekisa. Wulira okukaaba kwange okw'obwetoowaze." Bwe ŋŋenda okuyigga, ŋŋenda nnyimba amatendo ga Katonda. Mbeera mbuulira, nna. . . buli gye ŋŋenda yonna. Tewandyagadde kubeera bw'otyo? Nga ojjudde Omwoyo Omutukuvu, nga Akusiikuula. O, bannange! Nga bw'obawulira nga bayimba ennyimba ezo encaafu, nga ggwe oyimba luno nti:

ŋŋenda mu Nsi ensuubize,
ŋŋenda mu Nsi ensuubize;
O ani an'ajja n'agenda nange?
ŋŋenda mu Nsi ensuubize.

ŋŋenda mu Nsi ensuubize,
ŋŋenda mu Nsi ensuubize;
O ani an'ajja n'agenda nange?
ŋŋenda mu Nsi ensuubize.

Nditуuka ddi mu kuwummula okwo okulungi
okw'omukisa,
Mbeere mu mikisa emirembe n'emirembe!
Ndiraba ddi amaaso ga Kitange,
Mpummulire mu kifuba Kye?

ŋŋenda mu Nsi ensuubize,
ŋŋenda mu Nsi ensuubize;
O ani an'ajja n'agenda nange?
ŋŋenda mu Nsi ensuubize.

158 Tojje, ne tugenda wamu? Nzijukira lwe twali abantu nga ebikumi bitaano nga tuyimiridde wali bwe nnali mbatiza abantu kikumi mu abiri, mu kiseera nga kino eky'omwaka, emmanga wano ku lubalama lw'omugga, Emmunyeenye eyo ennene ey'oku Makya bwe yakka wansi ku mugga nga eyakaayakana. Aleeruuya! Eddoboozi ne ligivaamu ne lyogera, ne ligamba nti, "Lumu olibunyisa Enjiri mu nsi yonna." Omulenzi omwavu, omuto, atalina ky'amanyi munnakyalo ow'oku faamu ekyo yali ayinza atya okukikola? Kisa kya Katonda! Amiina.

159 O, ani anajja ne tugenda? Weetakkuluze, teeka ku bbali, buli buzito bwonna kati. Towuliriza myoyo egyo egisendasenda.

Jangu, owulirize Ekigambo kya Katonda, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA! "Balina omukisa abalumwa enjala n'ennyonta olw'obutuukirivu, kubanga balijjuzibwa."

160 Kaakano leka tukoteke emitwe gyaffe nga bwe tusabira bano abali wano ku wolutaali.

Abaana abaagalwa, njagala mujjukire, enkya ya leero, nti muli awo kuteeka ku bbali buzito. Muli awo kuteeka ku bbali buli buzito na buli kibi ekyanguwa okubatega. Pawulo yagamba, mu Abebbulaniya, essuula ey'e 12.

> *. . . bwe tu . . . lina olufu lw'abajulirwa olwenkana awo olutwetoolodde, twambulenga buli ekizitowa n'ekibi . . . ebyanguwa okututega . . .*
>
> *Njogere ki nate? kubanga . . . ebbanga linanzigwako . . . nnaayogera ku Gidiyooni, . . .* ku Balaki, *. . . ku Samusooni, . . . ku Yefusa; ku Dawudi . . .* ku *Samwiri ne bannabbi:*
>
> *Olw'okukkiriza abo be baawangula obwakabaka, be baakola eby'obutuukirivu, be baafuna* ekisuubizo, *be baabuniza* akamwa k'empologoma,
>
> *Be baazikiza amaanyi g'omuliro, be baasimattuka obwogi bw'ekitala, be baaweebwa amaanyi okuva mu bunafu,* ne *baafuuka* a . . . *abazira* . . . ne bagoba omulabe . . .
>
> *Abakazi ne baweebwa abafu baabwe mu kuzuukira . . .*
>
> *N'abalala* baatulugunyizibwa, *okuduulirwa era* n'okukubibwa, . . . *era,* si ekyo kyokka, *okusibwa n'okuggalirwa mu kkomera:*
>
> *N'a—n'abalala ne bakemebwa . . .* ne baduulirwa . . . ne bakubibwa . . .
>
> *. . .* bonna *bwe baamala okutegeezebwa olw'okukkiriza kwabwe, . . .*
>
> *Ne* bano bonna, *bwe baamala okutegeezebwa olw'okukkiriza kwabwe, ne batafuna ekyasuubizibwa:*
>
> *Katonda bwe yatulabira edda ffe ekisinga obulungi,* nti bo ffe we tutali *baleme okutuukirizibwa.*
>
> *Kale naffe, bwe tulina . . . olufu lw'abajulirwa* olunene olwenkana awo *olutwetoolodde, twambulenga buli ekizitowa n'ekibi . . . ekyanguwa okututega,* tusobole okudduka *n'okugumiikiriza okuwakana okuteekeddwa mu maaso gaffe,*
>
> *Nga tutunuulira Yesu yekka omukulu w'okukkiriza kwaffe era omutuukiriza waakwo; olw'essanyu eryateekebwa mu maaso ge eyagumiikiriza omusalaba,* n'anyooma *ensonyi, era . . . n'atuula ku mukono ogwa ddyo ogw'entebe ya Katonda.*

161 Yesu, mu ssaala Ye, yagamba nti, “Kitange, Nneetukuza.” Yesu yeetukuza, eri Ekkanisa. Yali asobola okuwasa, naye teyakikola. Yeetukuza. Yagamba nti, “Batukuze, Kitange, okuyita mu Mazima. Ekigambo Kyo ge Mazima.”

162 Kati leka tuteeke ku bbali buli buzito bwonna. Olina busungu? Olina ekintu, ekikuleetera okwogera w’otasaanidde kwogerera? Ayi Katonda! Kiteeke awo kaakano. Kiteeke awo, olabe Omuliro gw’ekyoto bwe gukka ne gukiggyawo. Tunula olabe okwagala kwa Katonda bwe kukikombawo. Laba okweyagaliza okwo kwonna okutaliimu nsa, engeri gy’obadde oyogeramu eri mukyala wo, engeri gy’obadde oyogeramu eri balo, engeri gy’obadde oyogeramu eri muliraanwa wo, engeri gy’obadde oyogera ku bantu mu kkanisa, kiteeke ku wolutaali enkya ya leero, mangu ddala omuliro gwa Katonda gujja kukka gukiggyewo, era okwagala okw’Obwakatonda kujja kubugujja mu kifo we kibadde.

163 Olina ndwadde? Giteeke ku kyoto, ogambe nti, “Ayi Mukama, yiino. Ntondaamu omwoyo omulongoofu. Ntondaamu amaanyi agawonya.” Olabe Katonda ky’anaakola. Katonda agenda kukikola enkya ya leero.

164 Kitaffe ow’omu Ggulu, tukotese emitwe gyaffe mu Maaso Go, ku lw’abo abali ku wolutaali. Leka ekisa Kyo kibakkeko buli omu ku bo, Kitaffe. Kaakano nga bwe. . . ayi Mukama, sisobola kukibakolera. Be balina okukyekolera nga bo. Tewali muntu ayinza kukibakolera. Balina kukyekolera ku bwabwe. Leka emmeeme zaabwe kati zigambe munda yaabwe nti, “Ayi Katonda, obusungu buno, mbuteeka wansi, ayi Mukama. Siribuggyawo. Ka kibeere kiki ekijja oba ekigenda, nja kubuleka, okuva kaakano okweyongerayo. Olulimi lwange luno olubadde lwanguyiriza okubaako oludda lw’olugambo gye lwekubiira, Mukama, nduteeka wansi wano. Siriruddira. Tukuza olulimi lwange, ayi Mukama. Leka mpulire Bamalayika nga bajja, nga Isaaya bwe yawulira bwe yagamba nti, ‘Ndi muntu ow’emimwa egitali mirongoofu. Zinsanze!’” Bw’atyo Malayika n’ajja, n’akwata nnamagalo, n’agenda ku kyoto n’atoola amanda g’Omuliro, n’agateeka ku mimwa gye n’amutukuza. Ayi Katonda, tukuza buli ayogerayogera yenna, enkya ya leero, ayogera obubi nga asiga obukyayi. Kituwe, ayi Mukama.

165 Endwadde zonna ezikotese wano emitwe eziri mu kizimbe kino, ezirwazizza abantu, nga mmanyi nti, nagyo mizimu. Ayi Katonda, nga omuweereza Wo, nginenya, mu Linya lya Yesu. Leka give mu buli mulwadde yenna. Era buli mwoyo ogutali mulongoofu, ogulimu ebirowoozo ebitali birongoofu, eby’obuseegu, okwegomba okw’obukaba, mu basajja n’abakazi, bonna wamu, ayi Katonda, gibaggyemu. Bano bonna abali wano abagezaako okuva ku sigala, n’okunywa omwenge okw’okwesanyusaamu ne bannaabwe, n’okugenda

ku bubagabaga, n'ebintu ebyo eby'okweyagaliza bokka; ayi Katonda, siikuula emitima gyabwe n'Omwoyo Omutukuvu mu ngeri ey'ekitalo baleme kuddamu kuyaayaanira bintu ebyo. Tebijja kuba na mwagaanya gwonna wa kubeera; ojja kubeera ojjudde Omwoyo Omutukuvu, okuva awo okweyongerayo.

166 Ayi Katonda, ekkanisa eno entono gifuule ekisaka ekyaka. Gifuule ekifo ky'Omwoyo Omutukuvu, gifuule Omuliro ogwokya, ogunaaleetera ensi okukyuka erabe ekitiibwa kya Katonda. Ayi Katonda, tandika n'abantu bano ab'olubatu, abawera nga ebikumi bibiri abali wano enkya ya leero. Kituwe, ayi Mukama.

167 Longoosa buli mutima, buli Mumesodisiti, buli Mubaputisiti, buli Mukatuliki, buli Mupulesibiteriyani, buli Mupentekoote. Mukama, biggye mu mitima gyabwe, era leka bajje gy'Oli leero. Kituwe, ayi Kitaffe. Mbawaayo gy'Oli, era mbakukwasa, mu Linnya lya Yesu Kristo, olw'okutukuzibwa kw'emmeeme zaabwe n'okuwonyezebwa kw'emibiri gyabwe. Amiina.

168 Ssimanyi oba nga, mmwe abali ku wolutaali, emigugu gyammwe mugirese wano? Oguwulira nga gugalamiziddwa wansi awo? Bw'oba owulira nga gugalamiziddwa wansi awo, ggwe kennyini beera omulamuzi. Ye ggwe ali mu kusaba. Nze ogw'okubuulira ngukoze. Ogw'okusaba gugwo. Omugugu gwo gugalamiziddwa wansi awo, muganda wange, mwannyinaze? Ddala osobola okugulekawo awo? Bw'oba osobola, yimusa omukono gwo, ogambe nti, "Weewaawo, ayi Katonda, kaakano nguleka wano. Enjawukana zange, nzireka wano ku wolutaali." Ate mmwe, abali erudda wano wolutaali w'ekoma, ku mukono gwange ogwa ddyo, nnyabo? Osobola okugulekawo? Omugugu ogwo ogw'edda osobola okuguleka ne gugalamizibwa awo? Ddamu nti, "Weewaawo, okukkiriza kwange kutunuulidde Ggwe, ayi Ggwe Omwana gw'endiga ow'e Kalivaaliyo." Nga bwe tuluyimba wamu ffenna kaakano.

Okukkiriza kwange kutunuulidde Ggwe,
Gwe Omwana gw'endiga ow'e Kalivaaliyo,
Ayi Omulokozi Omutukuvu;
Mpulira kaakano nga bwe nsaba,
Ggyawo okulumirizibwa kwange kwonna,
O nnyamba okuva leero
Mbeerere ddala Wuwo!

169 Leka tuyimirire ku bigere byaffe, mu buwombeefu, buli omu. Kati muwulirize bulungi, buli omu kati. Tewaba agenda. Kati. . . Olukuŋŋaana terunnaggwa. Njagala mutwale akaseera kano ak'okwewaayo, akakulu ennyo.

Nga ntambula mu kizikiza ky'obulamu,
Nga ennyiike enneetoloodde wonna,

Beera Omuluŋŋamya wange;
Lagira ekizikiza kifuuke emisana,
Sangulawo amaziga gonna ag'ennaku,
Era nnyamba okuva leero
Mbeerere ddala Wuwo!

Kati toluyimbira muliraanwa wo. Muzibirize amaaso gammwe, era leka tuluyimbe mpolampola, nga tuyimusizza emikono gyaffe eri Katonda.

Nga ntambula mu kizikiza ky'obulamu,
Nga ennyiike enneetoloodde wonna,
Beera Omuluŋŋamya wange;
Lagira ekizikiza kifuuke emisana,
Sangulawo amaziga gonna ag'ennaku,
Era toŋŋanyanga okuwaba
Okukuvaako.

Nnina Kitange emitala eri,
Nnina Kitange emitala eri,
Nnina Kitange emitala eri,
Ku Lubalama luli.

O, ku lunaku lumu olulungi ndigenda okumulaba,
O, ku lunaku lumu olulungi ndigenda okumulaba,
O, ku lunaku lumu olulungi ndigenda okumulaba,
Ku Lubalama luli.

O, olunaku olwo olulungi luyinza okuba enkya,
Olunaku olwo olulungi luyinza okuba enkya,
Olunaku olwo olulungi luyinza okuba enkya,
Ku Lubalama luli.

170 Kati simanyi, bameka nga mu Nsi eri olinayo kitaawo? Leka tulabe emikono gyammwe. Bameka nga mu Nsi eri olinayo maama wo? Leka tulabe emikono gyammwe. Bameka nga mu Nsi eri olinayo Omulokozi? Leka tulabe emikono gyammwe.

Olwo nga luliba lukuŋŋaana lwa ssanyu!
Olwo nga luliba lukuŋŋaana lwa ssanyu!
Olwo nga luliba lukuŋŋaana lwa ssanyu!
Eri ku . . .

171 Waliwo kye njagala mukole. Kati nga bwe tuluyimba nate, njagala obeeko omuntu ayimiridde okumpi naawe gw'okwatako mu ngalo, omugambe nti, "Muganda wange, mwannyinaze, nsabira, nkusisinkane mu Nsi eri." Tokikola okuggyako nga okitegeeza. Bameka abaagala okusisinkanayo? Bameka nga oyagala buli ali wano omusisinkaneyo, emitala Eri? Ddala, ffenna tukyagala. Kati leka tulamusagane, buli omu agambe munne nti, "Njagala nkusisinkaneyo, ow'oluganda. Njagala

nkusisinkaneyo ku ludda luli." Kaakano nga bwe tuyimba ekitundu kino nti, "Nnina Omulokozi emitala eri." Kale.

Nninayo Omulokozi emitala eri,
Nninayo Omulokozi emitala eri,
Nninayo Omulokozi emitala eri,
Ku Lubalama luli.

O, olunaku lumu olw'essanyu ndigenda ne mmulaba,
Olunaku lumu olw'essanyu ndigenda ne mmulaba,
Olunaku lumu olw'essanyu ndigenda ne mmulaba,
Ku Lubalama luli.

172 Ekyo tekikuleetera okuwulira nga oli bulungi era oteredde? (*Yesu, nkuumira kumpi n'omusaalaba*.)

Yesu, nkuumira kumpi . . .
Awo awali Ensulo ey'omuwendo,
Omugga oguwonya, ogw'obuwa eri bonna,
We gukulukutira nga guva ku Nsulo y'e Kalivaaliyo.

Buli omu yimusa omukono gwo kaakano.

Mu musaalaba, mu musaalaba,
Leka bulijjo mwe mba nneenyumiririza;
Okutuusa emmeeme yange ejjudde essanyu lw'erifuna
Ekiwummulo emitala w'omugga.

Mu musaalaba, mu musaalaba,
Leka bulijjo mwe mba nneenyumiririza;
Okutuusa emmeeme yange ejjudde essanyu lw'erifuna
Ekiwummulo emitala w'omugga.

Mmwagala, Mmwagala
Kubanga Ye yasooka okunjagala
Era n'asasulira obulokozi bwange
E Kalivaaliyo.

Katonda atenderezebwe!

173 Leka kaakano mu kasirise tukoteke emitwe gyaffe. Era mu ngeri yaffe ey'okumulaga okwagala, leka tumutendereze nga emikono gyaffe tugiyimusizza, tumugambe nti, "Weebale, ayi Mukama, olw'okulokola emmeeme yange. Weebale, ayi Mukama, olw'okumponya. Weebale, ayi Mukama, olwa byonna by'Okoze, olw'okuleeta okusumululwa okuwoomu, olw'okuleeta obulokozi obw'obuwa. Weebale, ayi Mukama."

Tukuwa ekiweebwayo kino eky'okwebaza. Tukutendereza kubanga Ojjudde okwagala. Ye ggwe Ddanga ery'omu Kiwonvu, Emmunyeenye ey'oku Makya, Ekimuli kya Roza ekya

Saloni, Byonna-mu-Byonna. Ggwe Kitaffe, Omwana, Omwoyo Omutukuvu. Oyo Eyali, Ali, era Ow'okujja; Alufa omukulu, Omega. Ggwe Oyo Ow'ekitalo, Omulangira ow'Emirembe, Ekikolo era Omuzzukulu wa Dawudi. Ggwe Byonna! Era tukwebaza, ayi Mukama, olw'ebyo byonna by'Okoze. Tukwebaza olw'Ekigambo Kyo, kubanga Musana eri ekkubo lyaffe. O, tukusaba, ayi Mukama, Otuyambe tutambulire mu Musana. Kituwe, ayi Kitaffe. Mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

Kale. Nga bwe tutuulako katono. (*Tunaatambuliranga mu Musana.*)

Tunaatambuliranga mu Musana, Omusana omuyitirivu obulungi,
Jangu awo empandaagirize z'okusaasira we zitonnya;
Gwakaayakana wonna okutwetooloola emisana n'ekiro,
Yesu, Omusana gw'e. . .

174 Abaaye mmwe, abatukuvu, leka tuluyimbe kaakano!

Tunaatambuliranga mu Musana (obulongoofu, obutukuvu), Omusana omuyitirivu obulungi,
Jangu awali empandaagirize z'okusaasira ezimasamasa;
Gwakaayakana wonna okutwetooloola emisana n'ekiro,
Yesu, Omusana gw'ensi.

Jangu, omwatule nga Kabaka wo,
Yesu, oyo Omusana gw'ensi;
Olwo ebide by'Eggulu binaavuga,
Yesu, Omusana gw'ensi.

Buli omu!

Tunaatambuliranga mu Musana, (Omusana ogumulisa ekkubo lyange), Omusana omuyitirivu obulungi,
Jangu awali empandaagirize z'okusaasira ezimasamasa;
Gwakaayakana wonna okutwetooloola emisana n'ekiro,
Yesu, Omusana gw'ensi.

175 Terukuleetera kuwulira bulungi? Bameka abawulira obulungi? Yimusa omukono gwo kaakano, ogambe nti, "Ddala mpulira bulungi." Omwoyo Omutukuvu akunaazizza wenna n'otukula. N'olwekyo tunaakola (ki?) tunaatambuliranga mu Musana. Tomala gawuliriza kintu kyonna. . . Omusana kye kiki? "Ekigambo Kyo y'Ettabaaza." Kale n'olwekyo:

Tunaatambuliranga mu Musana guno,
Omusana omuyitirivu obulungi,
Gwaka ku mpandaagirize z'okusaasira ezimasamasa;
Gwakaayakana wonna okutwetooloola emisana n'ekiro,
Yesu, Omusana gw'e. . .

176 Kati, ekyo si kirungi nnyo? Tulabika tulemeddwa okuggalawo. Omwoyo Omutukuvu atunywezezza! Ggwe si bw'owulira? Kiwulikika nga. . .?. . .Kirabika nga ekijja obuzzi.

. . .Enjiri etonnya omusaayi,
Omusaayi gw'abayigirizwa abaafa ku lw'Amazima,
Enjiri eno ey'Omwoyo Omutukuvu etonnya omusaayi.

Eyasooka okufa ku lw'entegeka eno ey'Omwoyo Omutukuvu,
Yali Yokaana Omubatiza, wabula yafa nga omusajja;
Ne kuddako Mukama waffe Yesu, Ye baamukomerera bukomerezi,
Yabuulira nti Omwoyo alirokola abantu okuva mu kibi.

Waaliwo Peetero ne Pawulo, ne Yokaana omutukuvu,
Abo baawaayo obulamu bwabwe Enjiri eno esobole okwaka;
Baayiwa omusaayi gwabwe, nga bannabbi ab'edda,
Ekigambo kya Katonda eky'amazima kisobole okubuulirwa mu bwesimbu.

Bwe baava ku abo ne bakuba Suteefano amayinja, bwe yabuulira n'avumirira ekibi,
Yabanyiiza nnyo, ne batuuka n'okumubetenta omutwe;
Naye yafiira mu Mwoyo, n'awaayo omwoyo gwe,
N'agenda okwegatta ku balala, eggye liri ery'obulamu.

Yeeyongera okutonnya omusaayi, weewaawo, yeeyongera okutonnya omusaayi,
Enjiri eno ey'Omwoyo Omutukuvu etonnya omusaayi,
Omusaayi gw'abayigirizwa abaafa ku lw'Amazima,
Enjiri eno ey'Omwoyo Omutukuvu yeeyongera okutonnya omusaayi.

Muwulirize!

Waliwo emmeeme eziri wansi w'ekyoto, nga zikaaba zibuuza, "Olituusa wa?"
Mukama okulwawo okubonereza abo abakoze obubi;
Naye wajja kubaawo n'abalala bangi abanaawaayo omusaayi gw'obulamu bwabwe
Ku lw'Enjiri eno ey'Omwoyo Omutukuvu n'omugga gwayo ogw'omusaayi.

Yeeyongera okutonnya omusaayi, (Aleeruuya!) etonnya omusaayi,

Njagala mbeere omu ku bo.

. . . Enjiri eno ey'Omwoyo Omutukuvu, etonnya omusaayi,
Omusaayi gw'abayigirizwa abaafa ku lw'Amazima,
Enjiri eno ey'Omwoyo Omutukuvu etonnya omusaayi.

177 Njagala kuva ku kituuti. Amiina. O, nga kiyitirivu obulungi! Baganda bange baawaayo omusaayi gw'obulamu bwabwe. Wajja kubaawo n'abalala bangi abanaakola ekintu kye kimu. Teweraliikirira. Mangu ddala wagenda kubaawo okwolekanya obwanga. Ekimu ku bibiri ojja kuyingira oba okufuluma. Kati bali mu kwegatta wamu mu Kakiiko akagatta Amakanisa, era bonna bali mu kukeetabamu. Bonna beegatta wamu.

Era wajja kubaawo n'abalala bangi abanaawaayo omusaayi gw'obulamu bwabwe,
Ku lw'Enjiri eno ey'Omwoyo Omutukuvu n'omugga gwayo ogw'omusaayi.

Etonnya omusaayi, weewaawo, etonnya . . . (O, aleeruuya!)
Enjiri eno ey'Omwoyo Omutukuvu etonnya omusaayi,
Omusaayi gw'abayigirizwa abaafa ku lw'Amazima,
Enjiri eno ey'Omwoyo Omutukuvu etonnya omusaayi.

178 Bannange! Mpulira nga Okukwakkulibwa okulengejjera awo waggulu w'ekkanisa. O, muli kindeetera okuwulira obulungi! Ebibi byonna biri wansi wa Musaayi. Mulabeeyo, Omwoyo Omutukuvu ayagala nnyo Ekigambo. Ku Kigambo Omwoyo Omutukuvu kw'alya, mukiraba. Ha, bannange! Akka wansi mu bantu, n'alongoosa n'aggyawo ebibi byabwe, n'abaggyako endwadde ezibaluma, n'aggyawo okusoberwa kwabwe. Kati ntamidde, ntamiiridde ddala, ntamidde Omwoyo,

okwagala kukulukuta okuva mu mutima gwange. Ka kibe kiki omuntu yenna kye yali akoze, kisonyiyiddwa. Omulabe wo asingayo obubi, byonna biwedde. Omuntu yenna eyali akugeyezza oba n'akwogerako ekintu kyonna, bwe mba nga . . . kati, nni . . . byonna biweddewo, kaakano byonna birongooseddwa.

Era etonnya musaayi, weewaawo, etonnya musaayi,
Enjiri eno ey'Omwoyo Omutukuvu etonnya musaayi,
Omusaayi gw'abayigirizwa abaafa ku lw'Amazima,
Enjiri eno ey'Omwoyo Omutukuvu . . .

O, bannange! Nga kirungi nnyo!

Nga kiriba kiseera kikulu gy'oli,
Nga kiriba kiseera kikulu gyendi;
Singa ffenna tweteekateeka okusisinkana Yesu Kabaka waffe,
Nga kiriba kiseera kikulu ddala.

Nga kiriba kiseera kikulu gy'oli,
Nga kiriba kiseera kikulu gyendi;
Singa ffenna tweteekateeka okusisinkana Yesu Kabaka waffe,
Nga kiriba kiseera kikulu ddala.

Olwo mulwagala? Kale buli omu, ka tuluyimbe!

O, nga kiriba kiseera kikulu gy'oli,
Nga kiriba kiseera kikulu gyendi;
Singa ffenna tweteekateeka okusisinkana Yesu Kabaka waffe,
Nga kiseera kikulu ddala.

179 Mpulira nga awaliwo okudda obuggya kuli okw'enkola enkadde mu kkanisa. Mmwe temukuwulira? Okulongoosa kuli okw'edda, okukuutira ddala buli kimu; akaseera akalungi ak'ekitalo. Mmwe temuwulira bulungi? O!

Nnaamutendereza, nnaamutendereza,
Nnaatendereza Omwana gw'endiga eyattibwa ku lw'aboonoonyi;

Leka tuluyimbe kaakano, buli omu. Olumanyi? Nze ndumanyi. Jangu wano; onnyambe okulukulembera, Ow'oluganda Neville. Kati mwenna, wamu kaakano, leka tuyimuse emikono gyaffe, tuluyimbe, kati, kati, bwe muba musobola.

Nnaatendereza Omwana gw'endiga eyattibwa
ku lw'aboonoonyi;
Mumuwe ekitiibwa, mmwe mwenna,
Kubanga Omusaayi Gwe gunaazizzaawo buli
bbala.

180 Kati, buli omu, leka tuyimbe!

Nnaamutendereza, nnaamutendereza,
Nnaatendereza Omwana gw'endiga eyattibwa
ku lw'aboonoonyi;
Mumuwe ekitiibwa mmwe mwenna,
Kubanga Omusaayi Gwe gunaazizzaawo buli
bbala.

Amiina. Ekyo kirungi?

. . . Ekibuga ekya luulu enjeru,
Nninayo ennyumba ennene, ennanga, wamu
n'engule;
Kaakano nnindirira, nga ntunula era nga
nsaba,
Olw'Ekibuga ekyo ekyeru Yokaana kye yalaba
nga kikka.

181 Amiina. Kirungi nnyo! O! Kati leka tuyimirire ku magulu gaffe, buli omu. Ka nsuubire muwulira bulungi. Mujjukire enkuŋŋaana ez'akawungeezi ka leero. Kati twagala tuyimbe oluyimba lwaffe olulungi olw'edda olutusiibula.

Bwe tulivunnamira Erinnya lya Yesu,
Ne tweyala wansi ku bigere Bye,
Tulimutikkira engule nga Kabaka wa
bakabaka,
Nga olugendo lwaffe luwedde.

Kale. Ffenna wamu kaakano, leka tuluyimbe wamu. Kale.

Bwe tulivunnamira Erinnya lya Yesu,
Ne tweyala wansi ku bigere Bye,
Tulimutikkira engule nga Kabaka wa
bakabaka,
Nga olugendo lwaffe luwedde.

Erinnya ery'omuwendo, (Erinnya
ery'omuwendo!) O nga ddungi! (O nga
ddungi!)
Ly'essuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu;
Erinnya ery'omuwendo, (Erinnya
ery'omuwendo!) O nga ddungi! (O nga
ddungi!)
Ly'essuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

182 Nga makya mayitirivu obulungi! Nga kiseera kikulu nnyo! Leka tukoteke emitwe gyaffe kaakano. Buli omu kaakano tunula butereevu eri Kristo, Omulokozi wo. Mu kasirise,

njagala omwebaze era omutendereze. Mugambe nti, "Ayi Mukama, nkwebaza nnyo nnyini olw'okutukuza emmeeme yange. Nkwebaza nnyo nnyini olw'ebyo byonna by'Onkoledde. Leka Omwoyo Wo ambeereko okuyita mu lunaku, ayi Mukama. Nnuŋŋamya. Ndagirira. Mpa omukisa." Omukisa ogwo Katonda agukuwe, kwe kusaba kwange.

Kaakati nga tukyakotese emitwe gyaffe, Ow'oluganda Neville, nsaba otusiibule n'essaala.

Emyoyo Egisendasenda LUG55-0724
(Enticing Spirits)
Obubaka Bw'Okuyiga Ku Nkola y'Emizimu obuddiriŋŋana
Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande ku makya, nga 24 Jjulaayi, 1955, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2023 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org